

Zara & Mika

Bakuleberamu Enkyukakyuka
Ennungi mu Kitundu Kyabwe

Rehmah Kasule



Kyafulumizibwa
nga akolaganye ne:



Zara & Mika

Bakulemberamu Enkyukakyuka
Ennungi mu Kitundu Kyabwe

Rehman Kasule

© Obwanannyini 2021 – Obwanannyini bwesigaliziddwa.

ISBN – 978-9913-9930-0-5

Ekitabo kino tekiteekeddwa kwozebhamu wadde okukyusibhamu mu ngeri yonna awatali lukusa mu buwandiike okuva eri omuwandiisi oba omufulumya waakyo.

Tewali ngeri yonna omuwandiisi oba omufulumya w'ekitabo kino gy'ajja kunenyezebhamu oba okuvunaanibwa mu mateeka olw'okukosa, wadde okusasuzibwa, oba okufiirwa ensimbi olw'ebyo ebiri mu kitabo kino mu butereevu oba nedda.

Okulabulwa mu teeka:

Ekitabo kino kikumibwa etteeka erifuga obwanannyini ku biyiiye. Kya kukozeza ku bwa ssekinnoomu. Toteekeddwa kukyusaamu, kukitambuza, kukitunda, kukikozeza, kukijulizamu oba okukyusaamu mu ngeri yonna awatali lukusa kuva eri Rehman Kasule oba ba Mastercard Foundation.

Okumanyisibwa:

Osaanye okimanye nti buli ekiri mu kiwandiiko kino kiruubiriddwamu kuyigiriza na kusanyusa kwokka. Buli kyonna ekyetaagisa kikoleddwa okufulumya ebyo ebituufu, ebiriwo, ebyesigika ate eby'enkomeredde.

Tewali kwekwasibwa kwonna mu ngeri yonna. Abasomi basaanidde okumanya nti omuwandiisi talina we yeenyigira mu kuwabula kwonna okw'amateeka, okw'ebyenfuna, okw'eddagala wadde okw'ekikugu kwonna. Ebiri mu kitabo kino bituukiddwako era biggyiddwa mu nsonda ez'enjawulo. Osabibwa okwebuuzza ku mukugu yenna nga tonnagezaako kweyambisa birabikira mu kitabo kino.

Mu kusoma ekitabo kino, omusomi akkiriza nti omuwandiisi tavunaanyizibwa ku kufiirizibwa kwonna mu bugenderevu oba obutali bugenderevu ebinyinza okuva mu nkozesa y'ebiri mu kitabo kino omuli ensobi oba ebibuukiddwa n'ebitatuukiridde.

Kyakubibwa era ne kifulumizibwa mu ggwanga lya Uganda.

Okuwonga

Ekitabo kino kiwongeddwa eri abaana bonna okwetooloola ensi yonna. Tusubira nti bwe munaakisoma, mujja kusikirizibwa okukozeza obulamu bwammwe okuleetawo enkyukakyuka mu bitundu byammwe. Ensi erindiridde okuwulira engero zammwe ez'entiisa, obuvumu, essubi wamu n'ebiruubirirwa byammwe. Musitule eddoboosi lyammwe, lya muwendo nnyo!

Okwebaza – Amaanyi g'obumu

Okuwandiika n'okufulumya ekitabo kintu kya kukwatira wamu ng'ekitole. Newankubadde ekirowoozo kyava mu nze, nnali nneetaaga abantu ab'okukola nabo okusobola okukituukiriza. Njagala okusiima bannange abafuddeyo ennyo okumpa obuwigizi mu kaweefube wange ow'okufulumya ekitabo kino. Mu ngeri ey'enjawulo njagala okusiima abasunsuzi abakulembeddwamu Pheona Nakishero ne Zura Nakiwoga Mukasa. Omuyiia w'endabika y'ekitabo kino, n'omukubi w'ebifaananyi, mwebale kwongera kinogezi mu kitabo kino wamu n'okusiiga ekifaananyi ky'ebirowozo byange ekituufu. Era nneebaza abaana abayiiya okuli Asra, Amaal ne Rahma olw'obuwagizi bwe baawa omuyimbi era omutontomi waffe Kauthar Lukwanzi.

Nneebaza nnyo abaana okuva mu ggwanga lyonna abaavaayo ne bakkiriza okutunyumiza engero zaabwe. Engero ezo zifuuse essomo ery'omuggundu erinaayamba okuzimba amaanyi mu baana b'ensi yonna. Abazadde abaakubiriza abaana baabwe okutunyumiza engero zaabwe nabo mbasiima bya nsusso.

Ebifaananyi byakubibwa: Davis Bamwine

Omuyiia w'endabika y'ekitabo: Patricia Businge

Ebifa ku Mastercard Foundation

Mastercard Foundation kitongole ekikolagana n'ebitongole ebirala ebirina ekigendererwa ky'okusobozesa Abafirika abato n'abantu b'e Canada ba nnasangwa okufuna emirimu egitegeerekeka. Kye kimu ku bitongole eby'obwannannyini ebisinga obunene mu nsi yonna, ebirina ekigendererwa eky'okutumbula ebyokuyiga wamu n'okusitula embeera z'ebyenfuna mu nsi yonna. Mastercard kyatandikawo mu 2006 ng'ekitongole ekyetongodde, ekirina Olukiiko Olufuzi era n'olukiiko olukulembeze.

Ekitongole kiri mu kaweeefube w'okumanyisa abantu ebifa ku COVID-19 mu 2021, ng'obuvune bw'atadde ku bantu ssekinnoomu, amaka, n'ebitundu mwe bawangaalira bwongedde okweyoleka ku Ssemazinga wa Afirika. Kaweeefube ono assiddwa mu nkola mu Ghana, Kenya, Nigeria, Uganda, Senegal, Rwanda ne Ethiopia, ataddewo omwagaanya eri abato okugabana engero z'okwerwanako, obuyiia wamu n'obwannakyewa bwabwe nga nabo banjanga ekirwadde kino. Ebikolebwa bino byesigamiziddwa ku njombo egamba nti, "Weekuume, n'aboomu maka go, n'aboomu kitundu kyo" okukkaatiriza obwetaavu bw'obuvunaanyizibwa bwa buli omu wansi w'enjogera egamba nti 'Kiri eri ffe.'

Okumanya ebisingawo ku kitongole kino, kyalira ekibanja kyabwe <https://mastercardfdn.org/> n'okwongera okuyiga ebikwata ku ngeri abato gye beggye mu kabi, kyalira ekibanja: www.covidhqafrica.com



Obubaka bw'Omuwandiisi

Rehmah Kasule

Abato Abalungi,

Kitange yafa nga nkyali muto, era obulamu tebwali bwangu n'akamu, wabula abooluganda bange tebaaterebuka! Mmange yatusigamu okutwala ebyenjigiriza nga bya muwendo. Okufaananako n'abamu ku mmwe, nnazaalibwa mu kyalo, wabula ssaafuuka munnakyalo, kubanga nnasoma.

Ku ssomero gye nnasomera mu kyalo tetwalina bitabo, wabula olwesogga siniya, mikwano gyange ne banjigiriza okusoma ebitabo era wano obulamu bwange we bwakuyukira olubeerera! Nga mpita mu kusoma, nnageziwala, ne nfuna obuvumu, ne nrandika okulengerera ewala era ne nziramu essubi. Kino kyampaliriza okukola obutaweera, okukkakkana nga nkoonodde ddigiri ey'eddaala erisooka mu University.

Ku myaka 24 gyokka egy'obukulu, nnatandikawo omulimu gw'obwa kitunzi, era oluvannyuma nnatandikawo ekibiina ky'obwannakyewa ki *CEDA International* mwe mpita okuyigiriza abaana nga mmwe okuzuula kiki kye muli, okwenyumiririza mu gye muva, n'okuzuula wa gye mwagala okutuuka. Kuno kwe ngatta okuyamba abaana okufuna eby'enjigiriza eby'omulembe basobole okufuuka abakulembeze gye bujja era abatandisi b'emirimu.

Bawala bange bombiriri mbajjukiza ntakera nti buli lw'oloota, obaako ky'otuukako ate era teri kirooto kitasoboka! Nze kuva buto nga nneegomba okusomerako mu Harvard University mu America, era kyatuukirira jjuuzi, bwe nnayitibwa okubanguka mu by'obukulembeze ng'essira ndisimba ku byanjigiriza n'ebiseera by'emirimu ebyomu maaso wano mu Afirika.

Kati laba ndi mu kuzimba mbooji mpya ez'Abafirika, nga nsobozesa abaana abato okunyumya engero zaabwe nga bayita mu bitabo nga kino. Mmaliridde okuyamba abaana okuyiga okusoma, kuba nkimanyi nti abanyumirwa bafuuka abakulembeze.

Amagezi ge mpa abaana buli wamu gali nti, "gyenvudde wo si y'asalawo gy'olaga; osobola okukyusa ebiseera byo ebyomu maaso bwe wekkirizaamu."



Akatuubagiyo ka COVID-19

COVID-19 oba muyite 'corona-virus' sennyiga mukambwe aleetebwa akawuka, eyabalukawo mu December wa 2019 mu China, n'alyoka asaasaanira ensi yonna. Amaka n'abantu bangi tebamanyi wa gye balaga olw'olunnabe luno. Newankubadde abaana abato tebali mu abo abalumbibwa ennyo obulwadde buno, bakoseddwa nnyo nnavookeera ono mu mawanga ga Africa mangi.

Wano mu Uganda, abaana abali wansi w'emyaka 14 bali ebitundu 65 ku buli kikumi era okuva olunnabe luno lwe lwabalukawo, amasomero gaggalwa. Ekitongole kya *Save the Children* kiteebereza nti abaana nga obukadde 10 bandiremererwa okudda ku masomero oluvannyuma lw'olunnabe luno. Bwe gutuuka ku baana abali mu mbeera enzibu, gamba ng'abali mu nkambi z'abanoonyi b'obubudamu, aboomu maka ag'enfuna entono, ne gujabagira.


Abaana tebalina bikozebwa mu kusoma, wadde ebibayambako okusigala nga basoma, n'okukubaganya ebirowoozo basobole okwekumaakuma. Ebyo ebitono ennyo ebiriwo, tebyogera butereevu eri baana, tebikiikirira kye bayitamumu wadde okukiikirira amaloboozi gaabwe. Kino nno kinaatera okukyuka!



Yambala Akakookolo



Naaba mu Ngalo ne Sabbuuni oba Wefuuyire



Kuuma Amabanga



Ebifa ku Kitabo

"Eddoboozi ly'Abato" kitabo eky'engerero era ekkunjaanyizo ly'engerero okuva mu baana okwetooloola Uganda, nga batubuulira bye bayiseemu mu katyabaga k'obulwadde buno. Ekitabo kyetooloolera ku Uganda era kikukuluggusa okukuyisa mu lugendo luno olujjudde ebinyuma, omuli emmere, obutonde bw'ensi, embeera ezaabulijjo n'ebiyobuwangwa ebyongera okutumbula Uganda yadde mu kaseera kano ak'akatyabaga.

Nga kiyita mu ngero, ekitabo kino kikunnyonyola ebikwata ku kuziyiza COVID-19 ne kikuyamba okumanyiira embeera y'obutaba mu ssomero, okuviibwako ab'enganda ko n'ebizibu ebirala bingi ebyekuusa ku bulwadde buno.

Ojja kuyigira ku bugero bw'abaana abalala obwogera ku buvumu, okwanjanga ebyekango, essuubi, okuyaayaanira okumanya wamu n'omwoyo gw'okwetandikirawo emirimu. Ekitabo kijja kukuyamba okusitula eddoboozi lyo, okukuwa okumanya, ebirowoozo n'amagezi ku bikwata ku katyabaga ka COVID-19 ebinaakuyamba okwekkirizaamu.

Mukitabomulimueby'okukolaby'ojjaokwanjanganang'osiima, okufumiitiriza, okukozesa obwongo n'okufuna obukodyo obuvvuunuka ebizibu osobole okugenda mu maaso. By'oyizeemu bye binaakuyamba okuyigira wamu n'okukulemberamu olutabaalo lw'enkyukakyuka gy'obeera. Abaana era bajja kuyigira wamu n'okukubiriza bannaabwe, abazadde ko n'abantu bonna mu bitundu byabwe okwongera okugoberera amateeka g'okwetangira olunnabe lwa COVID-19.

Ekitabo kino kifunika mu pdf, mu maloboozi amakwate, mu butabo obutonotono ne mu bifaananyi bya video ku mutimbaganano gwa www.rehmahkasule.com



EBIRI MU KITABO

Essomo erisooka

Tewali Kitaggwa

Essomo eryokubiri

Okusiima
n'Okuwandiika
Ebirowoozo

Essomo eryokusatu

Okumanya kiki
Kyoli

Essomo eryokuna

Eddoboozi Iyo
Iya Muwendo,
Yogera

Essomo eryokutaano

Okubaawo ne
COVID-19

Essomo eryomukaaga

Ebirungi
Ebitwetoolodde

Essomo eryomusanvu

Essuubi mu
Maaso

Essomo eryomunaaha

Amaanyi G'obumu

Essomo eryomwenda

Situka
Oyakaayakane

Essomo eryekkumi

Baako Ky'okola

Obugero

Obugero
Bw'abaana
Obw'essuubi,
Obuvumu,
Obumalirivu
N'okutondawo
Emirimu

Ebyokukola

Ekitabo kino kitoneddwa eri

“ Gyenvudde wo tajja kusalawo gy'olaga. Osobola okukyusa ebiseera byo ebyomu maaso bwe wekkiririzaamu n'omalirira. ”

Rehmah Kasule



Tewali Kitaggwa

Lwakutaano akawungeezi era eggwoowo ly'amatooke n'engege enkalu mu binyeebwa bibuutikidde ekiyungu kya ba Kego nga batudde okulya ekyemisana. Eddekende erifubutuka mu kadirisa k'ekiyungu lisaasaanira emiriraano wali e Nkumba, mu kabuga akaliraanye ekibuga Entebbe mu Uganda.

Akalenzi ka Mika ak'emyaka ekkumi n'ogumu kakomba essowaani yaako nga bwe kagamba nti, "Bannange eno ye mmere gye nsinga okwagala! Era nnyinza n'okugirya buli lunaku,"

Zara Mika gw'asingako omwaka ogumu amwanukula nti, "Okuva lwe wayiga okufumba byebyo byokka by'otegeka, Mika. Nsobola n'okufumba oluwombo oluwoomu okukusinga," Bano nno buli kiseera baba mu kuvuganya.



Mukyala Kego amwenyaamu nga bw'atunuulira abaana be, olwo Mika ne yeewaana nti, "Olaba ne maama bw'akkiriziganya nange! Enva zange zimuwoomera."

Mukyala Kego ky'ava ayanukula nti, "Mwana wattu nzaagala anti nnungi ne ku bulamu bwange."

Okubwatuka kw'eggulu kubataataaganya era amangu ago enkuba n'etandika okuyiika ku mabaati. Amatondo amanene gatonya ku lubalaza emmanju era ne gakolawo ekitaba. "Kitammwe nno bw'anadda alina okutereeza akasolya ako akatonnya," ebyo Mukyala Kego abyogera omukka abaka mubake.

"Maama, oli bulungi? Simanyi ate era olwadde?" Ebyo Mika abibuza mwennyamivu.


Ko Mukyala Kego nti, "Siri mulwadde wewaawo kiyinza okutwalako akaseera okwewulira obulungi nate."

Mukyala Kego ono yakwatibwa obulwadde bwa COVID-19 wiiki ntono gye buvuddeko, wabula wadde yasobola okubusimattuka, omubiri gwe tegunnaddamu mbavu. Era omusawo yali yamulagira okutambulatambulango wamu n'okwotanga ku kasana buli lunaku kimusobozese okuddamu ku maanyi.

Yo wabweru enkuba amangu ago erabika esammuseemu era n'akasana akalyolyongo kati katandise okwakirira wakati mu lufuuyirize.

Ka Susan ak'emyaka omusanvu kasinziira mu ddirisa ly'effumbiro nga konna kasanyufu ne katunula ebweru nga bwe kagamba nti, "Jajja mukyala yateranga okugamba nti obudde bwe buba bwe buti awo empologoma eba ezaala! Maama, lwaki tetugenda ebweru n'otambulatambulamu?"

Ye kwe kwanukula nti, "Kale, oluvannyuma lw'okwoza ebintu, ffenna tunaagenda ne twota ku kasana."



Mu kaseera katono abaana wamu ne nnyaabwe bafulumira mu mulyango gw'emmanju w'ennyumba yaabwe ey'amatoffaali amookye, ne boolekera omuyembe omunene oguli mu luggya. Nga bonna basanyufu, Susan ataggwa kuzannyirira asikambula akatambaala ka Zara akooku mutwe, bwe batyo ne batandikira awo okugobagana.

Mika abaako abaana b'alengera nga bazannya n'agamba nga bw'amira amangota nti, "Eky'amazima nsubwa okusamba akapiira!"

Omanyi okuva gavumenti lwe yalangirira ennaku 42 ez'omuggalo gwa COVID-19, abaana bano tebavangako waka.

Nnyina amwanukula n'amugamba nti, "Ekyo nkiraba naye munnange okwekuumira awaka kituyambako okukendeeza ku nsaasaana ya COVID-19."

Susan abuuza nti, "Tukyayinza okwewa amabanga ne tuzannya emizannyo gyaffe nga twambadde n'obukookolo?"

Ekyo Mika akigaanirawo nti, "Shaa! Nze sirabanga muntu yenna azannya kapiira ng'ayambadde akakookolo!"

Ko nnyaabwe Mukyala Kego nti, "Watya nga tuzannyidde ewaka?"

Mika kwe kwewaana nti, "Anti awo kyeraga lwatu nti ttiimu yange eyolekedde obuwanguzi."

Ko Zara nti, "Kale tunaalaba!"

Newankubadde Zara tayagala nnyo mupiira, bwe bamusoomooza yeevaamu era ne ku luno wa kwegatta ne Mukyala Kego bavuganye Susan ne Mika.

Omuzannyo gwa kaasammeeme kubanga Zara abonga akapiira wakati mu kuyiriba emisinde okukkakkana ng'ateebye ggoolo esooka, ate n'eyookubiri mu bwangu.

Ng'omuzannyo tegunnaddamu Susan agamba nnyina nti, "Maama, nnina okukola homework."


Zara kwe kumugamba nti, "Eee maama, lwakuba ttiimu yo efeebe?"

Mukyala Kego kwe kuseka, "Nedda nedda, bannange tugende. Ke tukozeemu ako nange kammala!"

Awo Mika w'abuuliza nti, "Maama, tutambulemu ne Zara tukkirireko ku luguudo? Mikwano gyaffe tujja kugibuulizaako wala."

"N'obukookolo bwaffe tetujja kubuggyako ebbanga lyonna," ebyo Zara abyongerako nga bw'asikayo akakookolo kamu okuva mu nsawo y'ekiteeteeyi kye ekya kakobe.

"Nga bwe muli baana ba buvunaanyizibwa, mubeere beegendereza ate temwerabira okunaaba mu ngalo nga mukomyewo. Mukwate, mujja kugulayo n'ebibala nga mukomawo," bye bigambo Mukyala Kego by'abaddamu nga bw'akwasa Mika akapapula ak'enkumi ettaano.



Wakati mu kusagambiza,
Zara ne Mika batandika
okutambula kwabwe
okuvaako awaka. Nga
batambula, basanga ennimiro
ejjudde ebimuli ebirabika
obulungi. Muno mulimu
ebiwavvu ebya pinka, ebimpi
ebyeru, ebinene ebya kakobe
n'ebitwakaavu ebya kyenvu
nga byonna bisibaganye mu
nnimiro.

Mika kwe kuteesa nti,
“Bannange! Tubeeko bye
tutwalira maama kuba biri
ebiriyo bitandise okuwotoka.”

Olwo kwe kukkira ennimiro
ne banogayo ebimuli bye
bategese obulungi okukola
ekisaaganda ekirabika
obulungi.

Essomo eryokubiri



Okusiima n'Okuwandiika Ebirowoozo

N'obwegendereza, Mika ne Zara bayita ku lutindo lw'ebibaawo okwolekera ekisaawe. Eno gye basisinkana mikwano gya Mika okuli Alice, Abdu ne Justin. Bakoonaganya enkokola ng'akabonero k'okulamusaganya nga bagoberera bazadde baabwe n'abasomesa bye babasomesa okuva nnawookeera wa COVID-19 lwe yabalukawo.

Justin ayita Mika nti, "Mika, wandyagadde okutweyungako?"

Ko Mika nti, "Yee!" nga yenna bw'abuguumirira.



Ono abadde aludde okulaba ku mikwano gye okumalira ddala akabanga, olw'okuba nti nnyina bwe yazindibwa COVID-19, baakugirwa okuva ewaka. Kino kitegeeza nti buli muntu yali alina okuba omwegendereza ennyo! Wabula ku luno musanyufu bya nsusso olw'okuddamu nate okusisinkana n'okuzannyako ne mikwano gye.

Alice abuuza nti, "Omuwala ono omulungi bw'ati ye ani?"

Okufaanako ne Zara, Alice aweza egy'obukulu kkumi, era ayagala nnyo okukola emikwano. Zara ku mutwe assaako akakaaya, ate ye Alice yasiba ebituttwa.

"Ono kizibwe wange Zara," bw'atyo Mika bw'ayanukula. "Oluvannyuma lwa bazadde be okufa, bazadde bange baamuleeta okubeera naffe nga bamaze okwabya olumbe."

Alice addamu nti, "Wamma nzujukidde! Bambi nga kitalo Zara!"

Abdu amulamusa nti, "Asalaam Aleikum, Zara."

Zara n'ayanukula nti, "Walaikum Salaam."



Nga bamaze okulamusaganya, Mika abuuza banne kiki kye babadde bakola mu muggalo gw'amasomero.

"Olowooza waliwo eky'amaanyi? Nze n'olumu mpulira n'ennaku!" Alice y'amwanukula anti ye bazadde be bambi tebaasobola kumusasulira bisale kusomera ku mutimbagano.

Zara amutegeeza nti, "Toli wekka mwattu! Nnalaba ku TV nga bagamba nti abaana nkumi tebakyayinza kuba mu ssomero olwa nnawookeera wa COVID-19. Abaana bangi naddala abali mu nkambi z'abanoonyi b'obubudamu tebalina bibayambako mu kusoma."

Ko Mika nti, "Mpulira essanyu ng'amasomero gagenda kuggulwawo omwezi ogujja!"

"Yee," Alice akkiriza. "Era kati ssirina nsonga enneeraliikiriza nti njenda kudda mu kyomukaaga omwaka ogujja, naye lwakuba ndi mabega nnyo!"

"Nfunyeeyo ekirowoozo!" Mika annyonyola. "Ffe batusindikira eby'okusoma ku ssimu. Nja kusaba maama abifulumye ku mpapula tubigabanire wamu ne Abdu ne Alice."

Alice n'ayogera nti, "Wamma! Ekyo kijja kuba kirungi, mwattu Mika weebale nnyo."

Zara afunya amaaso ng'alowooza n'amala n'aleekaana nti, "Otyo! Tuzannye guli omuzannyo ogw'okusiimagana!"


"Ogwo muzannyo ki?" Abdu abuuza.

Ko Zara nti, "Ssenga Madina ye yagunjigiriza bazadde bange lwe baali abalwadde, buli lunaku obaako ebintu kkumi ebikusanyusizza by'owandiika mu kitabo."

"Naye wano tetulinaawo bitabo!" Abdu ayanukula.

Justin n'ateesa nti, "Ndaba ewaffe si wala nnyo. Ka nziruke njende nfuneyo empapula n'ekkalaamu."

Afuumuuka emisinde era mu bwangu adda n'empapula n'ekkalaamu. Bonna batuula ku muddo mu mwetooloolo ne batandika okuwandiika ebibasanyusa. Oluvannyuma buli omu asoma olukalala lwe ne beesanga nga bonna basanyukira enjanda zaabwe, emikwano, emmere wamu n'obulamu.





Okumanya Kiki Ky'oli

Mika ayimirira mu bwangu okukirako ekimyanso n'agamba nti, "Nnina ekibuuzo ekikulu kye nzijukidde."

Zara n'amusaagirako nti, "Kye kiruwa Mika? Era oyagala okuleeta obubooziboozi bwo obw'ekiralu!"

"Nedda, nedda, nedda. Tukiwe akadde nga tukirowoozaako, *Nze ani?*" Wano Mika asaba banne nabo bakirowoozeeko. Kyatutwalira obudde nga tukirowoozaako ku ssomero lwe baali batubangula mu bukodyo bw'obukulembeze bw'abayizi, *Nze ani?*" Mika ayongera okukinogaanya.


Abdu abagambirawo nti, "Ekyo nammwe mukiraba, nze ndi mulenzi."

Zara amwenya nga bw'agamba nti, "Mwattu tekikoma bukomi ku kuba mulenzi wabula ebirooto byo, endowooza yo ne gy'ova nabyo biraga kiki ky'oli."

Mika n'ayongerako nti, "Kituufu kuba baatugamba nti bw'omanya kiki ky'oli, ofuna ky'oyagala."

Zara asaba Mika okulaga ku mikwano gyabwe bo kye bakola buli lwe bazuukuka ku makya. Wano buli omu amaaso agooleka Mika ng'aggumiza obukulu bw'ekibuuzo "**NZE ANI?**" Mu kubannyonyola, Mika agamba nti olina kwetunuulira bulungi mu ndabirwamu weebuuzo ekibuuzo ekyo.

Mika bagamba nti, "Olina kukozeza maanyi mangi ng'awagira omupiira, kati bwe mbuuzza nti '*Nze ani,*' mwenna nga mwanukula bwe muti," Mika abalaga.



Mika, "*Nze ani?*"

Baanukulira wamu, "*Ndi mmunyeenye.*"

"*Nze ani?*"

"*Nze nnantameggwa.*"

"*Nze ani?*"

"*Nze mukulembeze.*"

"*Nze ani?*"


"*Nze muwanguzi.*"

"*Nze ani?*"

"*Nze mwana w'Omufirika kalimagezi.*"


Bonna bayoogaana mu ssanyu nga bwe bawanika ebikonde waggulu.

Mika n'abategeeza nti, "Buli lwe wejjukanya ku kwekkiririzaamu okwo teri kigaana."



Susan alengerwa ng'ajja adduka okuva eka era ng'asembedde, embira zoomu nviiri ze ziwulikika nga zikubagana, kiti, kiti, kiti. Wadde ng'omukka abaka mubake, aijonkera nga bw'aleekaana nti,

"Mika, Zara, maama agambye nti mukomeewo eka mumuyambeko mu ffumbiro."



Abdu abasiibula nti, "Kale mweraba! Wabula olwaleero lubadde lunyuvu nnyo."

Alice akkiriziganya naye nti, "Mu butuufu nange mpulira bulungi okusinga we nnazuukukidde."

Mu kusiibula, Justin alondalonda empapula zonna n'amakalaamu nga bw'abajjukiza nti, "Bannange mwekuume bulungi era temwerabira oku..." bonna ne bamubakira nga baleekaanira waggulu nti, "Yambala akakookolo, naaba engalo era kuuma amabanga."



Mu kuddayo eka, bayitira ku mudaala gwa Nnaalongo ogw'ebibala okuli carrots, enniimu, entangawuzi, ennaanansi n'ebibala ebirala bingi ko n'enva endiirwa. Zara agulawo ekiwagu ky'amenvu.

Mukyala Kego we yabeerera omulwadde, baateranga okumugulira carrot, entangawuzi, enniimu wamu n'ennaanansi okuva ku mudaala guno. Kuno yagulirangako eddagala lingi okuva mu ddwaliro. Omu ku mikwano gye yamuleterangayo ne ku ddagala ery'ekinnansi okweyoteza.

Kano kaali kaseera ka kazigizigi lwakuba baafuna omukisa nti tewali mulala yakwatibwa bulwadde. Baali beegendereza nnyo okunaaba engalo buli kadde, okwambala obukookolo wamu n'okwewa amabanga. Bano era beekolera olukangaga lw'okukola emirimu ne kimalawo okweraliikirira kwa nnyaabwe ku mirimu gy'ewaka.

Abaanabasookane bayimirira ebbali w'oluguudo okulinda bboodabooda etisse omusaabaze okubayitako n'enfuufu gy'esitudde. Mu kwagala okweyuna obudde bwa kanaayokyani (*curfew*) essaawa emu ebasange nga batuuse, buli muntu atambula atemerera okudda eka.

We batuukira eka, enjuba eba egolooba era basanga nnyaabwe ali wabweru abalindiridde. Wabula nga tebannayingira, abalagira basooke banaabe mu ngalo ku kadumu akali wabweru.

Ka Susan kabuuzza nti, "Naye zo engalo tuteekeddwa kuzinaabira bbanga ki?"

Zara amwanukula nti, "Waakiri eddakiika nga bbiri!"

Mika n'ayongerako nti, "Okukikola obulungi tuyinza okuyimba walifu emirundi etaano."

Nga bamaze okunaaba mu ngalo n'okwoza amenvu, Zara akwasa nnyina ebimuli era nnyaabwe bimusanyusa nnyo. Mu bino alondamu kimu ekya pinka ky'atunga mu nviiri ze okubalaga nga bwe kigendera obulungi ku kiteeteeyi kye ekya pinka.

Susan atwalayo amenvu mu ffumbiro.

"Ssenga, nga mpunyirwa akawoowo akasuffu!" Zara y'abuuzza ebyo nga bw'asekereza.

Ko Mukyala Kego nti, "Anti nnina eky'enjawulo kye mbategekede. Kati musooke munaabeko mukyuse n'engoye mwetegekere ekyeggulo."





Eddoboozi lyo lya Muwendo, Yogera

Ku ddiro, abaana beewuunya nnyo okulaba ekika ky'emmere ekipya ku mmeeza! Mwana wattu efaanana nga ccapati lwakuba yo ngazi ate nga ya mubiri muwewere.

Susan n'abuuza Mwami Kego nti, "Taata, mmere ki eno?"

Ko Mwami Kego nti, "Eno eyitibwa *Injera* okuva e Ethiopia."

Ko Mika nti, "Nga mpoomu!"



Mwami Kego olwo n'ababuuza nti, "Muyinza okuteeba ekirala ekifuula Ethiopia ensi ey'ettutumu?"

"Nze nkimanyi! Mmwanyi!" Zara y'ayanukula. "Ng'era bw'olaba mu Uganda, emmwanyi kye kimu ku birime Ethiopia by'esinga okutunda ebweru waayo."

Mwami Kego addamu n'akamwenyumwenyu nti, "Weebale nnyo, Zara."

Mukyala Kego abuuza bba nti, "Taata Mika, tubuulire olunaku lwo olusooka ku mulimu ng'ovudde mu muggalo bwe lubadde." Bba amwanukula nti emirimu mingi gikyali miggale nga n'abantu mu kibuga ba muswaba nnyo.

Abanyumiza nti, "Newankubadde luno olunnabe lukosezza nnyo ensi yonna, ffe mu maka gaffe lutusizeemu obuvumu. Mmwe temulaba nga tulina omukisa okuliirako awamu!"

Nga tebannagenda kwebaka, Mwami Kego ajjukiza abaana nti olunnabe lwa COVID-19 lukyegiriisa mu nsi yonna, n'olwekyo bwe bagenda ku ssomero tebeerabira okussaako obukookolo bwabwe buli kadde.

Mika amubuuza, "Ate taata singa abasomesa batulagira okubuggyako nga twogera?"

Ye n'ayanukula nti, "Ekyo kikyamu! Olina kuwanvuya ddooboozi ng'oyogera era mubalage nti akakookolo ne bwe kabaako osobola okukangula ku ddooboozi n'owulirwa."

"Twegezeemu! Nze nsobola n'okuyimba ng'akakookolo kwekali, temulaba?" Zara olubagamba n'atandikirawo okuyimba.

Mika amubakira nti, “Bannange nnyumirwa oluyimba olwo kuba lutujjukiza okuba abavumu n’okwanjanga buli kintu awatali kutya.”

Zara n’ayongerezaako nti, “Oli mutuufu, Mika. Era lutujjukiza obutava ku birooto byaffe,” nga bw’atumbula eddoboosi!

Awo bonna ne beegatta ku Zara okuyimba nga tebannagenda kwebaka.



“Nze ndi mmunyeenye mpya,
Ndi wa njawulo,
Ndoota, yee ndoota,
Mmanyi nti ndi mmunyeenye mpya.”

Nze nnina obuvumu
Okwanjanga okutya
kwonna, era nkunuukiriza
emmunyeenye
Okufuna amaanyi
G’ebirooto byange.

Buli lw’oloota obaako ky’ofuna,
n’ozuula ki kye kitegeeza okwetaaya era
n’otumbiira okukira bw’oloose munda yo.

Mu buli mutima munda,
mulimu ekyamagero ekikoleeza okuteebereza kwo,
n’oba wa muwendo okutuuka ku birooto byo.”



Essomo eryokutaano

Okubaawo ne COVID-19

Oluvannyuma lw'emyezi mukaaga ng'abaana tebasoma, Mwami Kego akeeza abaana ku ssomero lya Kaboga Primary School. Ku wankaaki w'essomero n'abayizi we basimba ennyiriri, waliwo ebipande ebijjukiza abaantu okwambala obukookolo, okunaaba mu ngalo n'okwewa amabanga okusobola okutangira okusaasaana kwa COVID-19.



Newankubadde embeera y'obudde ku lunaku olusooka ya kinnyikaggobe, abayizi bo basanyufu olw'okudda ku ssomero oluvannyuma lw'omuggalo. Mu ngeri y'okwekomomma baweerezagana bu jjambo n'okulamusaganya enkokola. Nga batandise dduyiro, beesuula oluta lw'ebigere lulamba okuva ku buli omu.

Nga bamaze okukooloobya oluyimba lw'essomero wamu n'essaala, omusomesa, Mukyala Akwi, abaaniriza era n'abayitiramu ku bikwata ku COVID-19 n'engeri y'okumwewala. Wano w'abagambira okuba babiri-babiri ne banywanyi baabwe, bafune ebipande bagolole obusanduuke obutuufu.

Wabula ffa-nfe wa Susan, Mariam taliwo; bw'atyo bambi talina gw'ali naye!

Susan ky'ava abuuza nti, "Musomesa, lwaki Mariam tasomye leero?"

Omusomesa anyonnyola nti Mariam si wa kudda ku ssomero olw'okuba amaka gaabwe gaagoyebwa nnyo olumbulege lwa COVID-19. Okudda kwa muganda we okuva mu kisulo, tebaamanyirawo nti yalina akawuka, bwe katyo ne kasaasaanira kumpi buli omu ewaka nga tekasosodde taata, maama ne ssenga. Wadde abalala bonna baasobola okuwona, bambi maama wa Mariam teyasobola kulusimattuka!

Abdu agattako nti, "Bambi muganda wa Mariam atekwa okuba ng'awulira okulumirizibwa olw'okuleeta olumbe ewaabwe."

Mukyala Okwi n'akinogaanya nti, "Omuntu okukwatibwa COVID-19 tekiriimu kuswala kwonna era alwadde bwe bagumusalira, okwo kuba kumusosola."

"Olwo tuyinza tutya okutangira okusosolebwa kw'abalwadde ba COVID-19?" Abdu y'abuuza.

Mukyala Akwi n'ayanukula nti, "Tukikola nga tuyita mu kusaasaanya ebituufu ebikwata ku bulwadde obwo mu kifo ky'ebitiisa, wamu n'okuyamba abo ababa balwadde ko n'aboomu maka gaabwe."

Kati abayizi beesogga ebibiina byabwe era mu kibiina kya Mika, omusomesa Mukyala Akwi asaba abayizi boogere ku ngeri COVID-19 gy'abakosezzaamu.

Alice y'asooka okwogera, "Nze ndabye bingi ebikyuka ewaka. Oluvannyuma lw'okuggwaawo kw'omulimu gwa taata, twali tetukyayinza kwetuusaako mmere nnungi. N'embeera z'abazadde bange zaakyuka kuba kati buli kaseera baba mu kuyomba na kulwana."


Mika awanika omukono naye n'agattako, "Nze ku mawulire nnalaba bagamba nti mu nsi amasomero gye gali ku muggalo, abaana bangi batuusiddwako obulabe ewaka eyo."

"Ekyo kituufu ddala obutabanguko mu maka bungi nnyo mu kiseera ky'omuggalo," omusomesa Akwi naye akkiriziganya nabo.

Wano omusomesa akinogaanya nti obuvunaanyizibwa bwonna buli eri bazadde. Waliwo n'abazadde abamu kati abali mu makomera, lwakuba oluusi abaana batya okuwaayo bazadde baabwe ababatulugunya olw'okutya.

Zara akkaatiriza nti, "Ekyo kya nnaku nnyo. Abaana basaanye baveeyo boogere! Nze nnina ekirowoozo. Tulina okuvaayo tuwagire abaana baveemu okwekomomma era babe bavumu."

Alice ayongerezaako nti, "Ekyo nga kirowoozo kya magezi nnyo! Ye temuwulirangako ku mboozu ya Ayitte okuva eri ku nsalo e Busia? Munnange ye yavvuunuka okutulugunyizibwa mu maka era kati naye ayambako abaana abalala mu kitundu kye, mu Uganda ne mu Kenya."



Alice kwe kusomera ekibiina kyonna embooji ya Ayitte. Wabula okumanya eno nnyuvu bulala, ekide ne bwe kivuga abaana tebasasaana mu bwangu nga bulijjo. Balinda Alice amalirize okusoma era beesanga buli omu olugero lumukutteko.

Essomo eryomukaaga



Ebirungi Ebitwetoolodde

Nga bazzeeyo eka, batuula ku mmeeza okumaliriza ebyokukola bye baggye ku ssomero ate n'okwejjukanya ku bye baasomye. Si byangu nnyo naye basanyufu okuddamu mu mbeera y'essomero nate.

Akawungeezi ako, Zara, Mika ne Susan bazannya akakunizo k'ebigambo ebikwata ku lumbulege lwa COVID-19 nga batudde mu ddiro. Nga Zara ajjuzaamu ebigambo, Mika ne Susan balingiza okulaba by'awandiika.

Susan asonga ku kimu ku bigambo ebiwandikiddwa n'abuuza nti, "Olwo ate amazina gajjiramu wa mu lumbulege luno?"

Zara n'amwanukula nti, "Mwana wattu gayambako okucamula abantu mu mbeera eno ey'akatuubagiyo."





Essuubi mu Maaso

Olw'enkuba eyatonnye ekiro, empewo nnyingi ku makya g'olwomukaaga era n'omuddo gutobye. Ab'ewa Kego bonna batuddeko awo ku kabalaza nga batunuulidde Mwami Kego ng'ayisaayisa amaaso mu lupapula lw'amawulire g'olwomukaaga. Eggulire eriri ku mugguukiro likwata ku ddagala erigema COVID-19.

Zara abuuza nti, "Kojja, ojinza okwongera okutubuulirako ku ddagala eryo erigema?"

Mika n'ayanukula nti, "Nze ku TV nnalabye minisita w'ebyobulamu ng'agamba nti eddagala eryo erigema liyamba okutangira ensaasaana ya COVID-19, ko n'okunafuya ku bubonero bw'akawuka."



Susan n'addamu nti, "Eee, wamma nzijukidde maama bwe yacamuka olw'empaka z'amazina ga *Jerusalema*. Ye oba naffe tusobola okuteekawo empaka z'amazina ezaffe nga tweyambisa amazina gaffe aga wano ag'ekinnansi gamba nga Amaganda, Ding Ding n'Orunyege!"

Wano Zara atandikirawo okuyimba oluyimba olw'okukozesa mu mazina; "*Okuzuula amaanyi g'ekirooto kyange, nga n'ensi etuwa buli kimu, tujja kuyimiriza buvumu, abawala, abalenzi mweveemu...*"

Mika ne Susan batandika okuyiira amazina era mu bwangu abakulu babeegattako nga bakuba engalo n'okukwata byonna ku katambi. Olumaliriza okuyimba n'okuzina, Susan aggyayo olupapula oluwanvu n'aluteeka ku mmeza era n'atandika okuwandiika.

Nga bw'anuuka okusoma by'awandiika, Mika abuuza nti, "Owandiika ki, Susan?"

Susan abasaba banokoleyo ebyo ebirungi bye balaba mu ggwanga, anti wadde luno olumbulege lutukanze nnyo era nga bingi bikyuse, naye mu nsi mulimu ebirungi ebizze bibaawo. Mwami Kego ne mukyala we nabo bagattako ku lukalala okutuusa olupapula lwe lujjula obugero obunyuvu - abaana bafuuse ba buvanaanyizibwa ewaka era batandika emirimu ne bazadde baabwe. Abasomesa basomesa ku mutimbagano, era waliwo ebitongole ebimu ebiwa abaana ebikozesebwa mu kusoma eri abo abatalina busobozi kusomera ku mutimbagano.

Abaana bonsatule olupapula baluwanika ku kisenge era ne balukuba ekifaananyi nga beeyambisa essimu ya Mwami Kego. Ab'ewaka bonna basanyufu era mu kiro ekyo bagenda okwebaka nga bajjudde essuubi.

Wano Mwami Kego anyeenya omutwe ng'akkiriza nti, "Mika mutuufu nnyo."

"Ekitegeeza taata, tugemebwe?" Susan y'abuuzza.

Mwami Kego anyeenya omutwe.

N'agamba nti, "Nedda. Gavumenti ekyafuba kufuna ddagala ddala okugema abantu bonna naye mmwe abaana abali wansi w'emyaka 12 temunnatuusa kulifuna. Ye nsonga lwaki muteekwa okuba abeegendereza wamu n'okukuuma amateeka ku kutangira obulwadde buno."

Mukyala Kego abuuzza nti, "Abato, mpozzi ge mateeka ki ago?"

Abaana bonna ne baanukula nti, "Naaba mungalo, yambala akakookolo ate kuuma ebbanga okuva ku munno."

Mu kwekengerera, Zara abuuzza nti, "Naye kkojja, eryo eddagala si lya bulabe ddala?"

Ko Mwami Kego nti, "Nedda Zara, bannassaayansi abaavumbudde eddagala lino balina eddagala eddala lingi erifaananako nga lino lye bazze bakola okumala emyaka mingi. Eddagala teririna bulabe bwonna."

Mika ky'ava abuuzza nti, "Kati ggwe taata baamala dda okukugema?"

Ko Mwami Kego nti, "Dda."

Mika n'addamu nti, "Ate maama?"

Mwami Kego n'ayanukula nti, "Ye tannaba. Engeri gye yakwatibwa ku kawuka ako, omusawo yatuwabula nti kyetaagisa asooke ayiseewo emyezi nga giigyo alyoke agemebwe olwo eddagala lisobole okukola obulungi."

Mwami Kego ayisaayisa amaaso ku muko gw'olupapula ogw'emabega gy'asanga akakunizo k'abaana.

N'abagamba nti, "Otyo, mufune amakalaamu n'empapula, waliwo wano ebibuuzo ebikwata ku kugema. Njagala ndabe oba musobola okubyanukula."

Abasomera ebibuuzo nga bwe bawandiika era oluvannyuma lw'ebibuuzo kkumi, buli omu n'asoma by'ayanukudde.

Zara asoomooza Mika, atuuseemu ebibuuzo musanvu. Ye Susan nga bw'ali muto, amanyi bitono ebifa ku kugema, wabula mwami Kego abasuubiza okubongera ebirala olweggulo nga bavuddeyo okugula ebintu.

Nga babuguumiridde olw'ebipya bye bayize ku kugema, balinnya emmotoka bagende ku dduuka ly'ebitabo. Zara yeesooka ekifo kyomu maaso era kino ne kiruma ka Susan kubanga ke katera okutuulayo. Kitaabwe bw'alaba kanyiize, akagumya n'akagamba nti toyinza kufuna buli kye weetaaga mu bulamu. Kale nno bo beesiimye olw'okugenderanga mu mmotoka ku ssomero so nga bangi abatambuza ebigere.

Essomo eryomunaana



Amaanyi g'obumu

Wiiki empya etandika na bbugumu. Zara ne Mika babuulira omusomesa waabwe ku kirowoozo kyabwe eky'okuyamba abaana abalala basobole okubatuuka mu by'okusoma. Baagala bakunjaanye ebisomesebwa bayambeko ku abo abatasobola kubyetuusaako.

Kino kisanyusa nnyo Mukyala Akwi, "Ekirowoozo nga kirungi ekyo!" Agenda mu maaso okubakubiriza kino bakitwale nga pulojekiti yaabwe gye banaayolesa ku nkomerero y'olusoma.

Mu mwezi oguddako, abaana bakola ekibiina kye batuuma 'Let Children of Uganda Learn.' Bakolera wamu okuyiia obugerogero bwe bakolamu akatabo okuyamba abaana abalala okubaawo mu nnawookeera ono. Era bakunjaanya n'ebikozesebwa mu kusoma wamu n'obutabo obukozeeko okusobola okubigabira abaana mu ggwanga. Abamu batandika okukola obukookolo okuva mu bintu ebya bulijjo era ekibiina kyonna kijjudde ebipapula.

Oluvannyuma lw'essaawa nga bbiri, abaana bano basanyufu nnyo olw'ekyo kye batuuseeko wadde bakoowu olw'eddimu eddene lye bakoze.

Zara ayogeza ssanyu nga bw'ayayuuya nti, "Nga kino kiyitirivu! Bannange mulabe bye tuyiyizza. Nga buli kimu kirungi!"



Mika yeegolola era bwe batandika okulongoosa we bakoledde, bakizuula nti kya ttendo okukolera awamu.

Ko musomesa Akwi nti, "Ogwo nno gwe mutima ogumanyiddwa nga Ubuntu, ekigambo ky'aba South Africa, ekivvuunulwa nti, "Wendi kubanga weetuli," mulaba bye tutuuseeko olw'okukolera awamu!"

"Ekyo nga kivuga ng'eky'oluganda, *Obuntu*?" Zara y'abuuza.

Musomesa Akwi akkiriziganya ne Zara, era n'abuulirira abaana bulijjo okumanya omugaso gw'okukolera awamu okuzimba amaka gaabwe n'ebitundu byabwe.



Olunaku mulindwa gye lukoma okusembera n'abaana gye bakoma okubuguumirira. Bwe lutuuka, Zara, Mika ne Susan babukeereza nkokola mu ssanyu eritalojjeka okwolekera essomero. Ebibokisi byabwe omuli obutabo bwabwe, obukookolo n'eb yokusoma ebirala babiteeka mu kamotoka ka Mwami Kego aka bbululu ne beggyawo.

Mwami Kego, Mika, Zara ne Susan ebibokisi babaako ekkunjaaniri ly'abaana e Katwe n'e Nateete gye babitona. Eno abaana basanyuka nnyo bwe batyo ne babiibyamu nga bwe bayimba n'okuyimba.

Ku luuyi lw'ekibuga olulala, Alice ne bazadde be baliko ebibokisi bye batwala e Nakawa, ate ye Abdu ne bazadde be ebyabwe ne babigabira abaana e Kawempe.



Abaana bagenda okutuuka ku ssomero nga kya njawulo! Buli wamu wajjudde emmotoka, bboodabooda, ng'okutikkula ebibokisi n'ebisawo kugenda mu maaso, waliwo abana abamu abamaliriza okutimba n'okutonaatona zi weema.

Kaseera ka ssanyu nnyo eri abato. Bakimanyi bulungi nti buli omu ku bubwe asobola okubaako ky'akolawo, wabula eky'enjawulo kikolebwa bali kitole.

Ekide oluvuga, abayizi bonna ne bakunjaanira we balabira emizannyo okutandika ebbinu ly'olunaku. Abazadde, abasomesa n'abana balaba omwoleso, Mika gw'aliko nga kalabaalaba w'omukolo. Ng'amaze okwaniriza abantu bonna, anyonnyola nti basobodde okugaba ebikozesebwa mu kusoma eri abana abawera kasanvu mu ggwanga lyonna. Engalo n'enduulu ey'oluleekereke bisaanikira ekifo olw'amawulire gano!

Mika bw'ayanjula ekikolebwa ekisooka, Susan y'akulemberamu okwolesa emisono, ng'addirirwa Zara, Alice, Abdu, Justin n'abana abalala. Abana boolesa emisono egiwerako okuva mu Uganda n'olukalu lw'omufirika lwonna, omuli ensawo wamu n'eby'okwewunda. Enduulu etta abalabi nga balaba abana beemoola mu ntambula. Kya mazima kano akaseera tekayinza kwerabirwa.





Situka Oyakaayakane

Pulojekiti y'essomero 'Let Children of Uganda Learn' erabikira ku TV, laadiyo ne mu mpapula z'amawulire era Zara ne Mika bayitibwa okutwala pulojekiti yaabwe mu palamenti ya Uganda okwongera okukubiriza abaana okwenyigira mu biyamba ebitundu byabwe.

Ku lunaku lw'abazira mu Uganda nga 9 Ssebaaseka (June), Zara ne Mika basanyuka nnyo okuyisibwa mu bukuumi obw'enjawulo nga bagenda mu palamenti.

Nga bamalirizza okwolesa kwabwe, Zara ne Mika bakubirwa emizira era abakungu bayimirira okubasiima. Omukubiriza wa ssetteeserezo (palamenti) abakwasa emidaali olw'obuzira bwabwe n'okwewaayo okulaba nga baana bannaabwe nabo basoma. Emidaali egibambazibwa mu bulago gya byuma ebinene obulungi ebirengejjera ku buguwa.

Bwe batuuka eka, Zara ne Mika bazadde baabwe babagabula ekijjulo makeke okubasiima olw'okuleetawo enkyukakyuka ennungi mu bulamu bw'abaana ba Uganda.

Era Zara ne Mika basigala bakyakunjaanya ebitabo n'ebikozesebwa mu kusoma bye banaawa baana bannaabwe, era nga bukubiriza ne bayizi bannaabwe ku ssomero okubaako kye bawaayo.

Wayita omwaka mulamba, Zara ne Mika ne bayitibwa okugenda mu lukiiko lw'amawanga amagatte (United Nations General Assembly), olutuula mu Mutunda (September) ku kitebe mu kibuga New York, mu Amerika.

Bulijjo abaana bano nga basinziira ewaabwe e Nkumba, beegomba ennyonyi ze balaba nga zigwa ku kisaawe Entebbe, era ye Mika ekirooto kye kya kufuuka muvuzi wa nnyonyi, abuusenga ennyonyi ku kisaawe ekyo. Ekiro ekikulembera olugendo lwabwe bakimalako nga tebakombye ku mpeke ya tulo nga balwooza ku mulundi gwabwe ogugenda okusooka okutambulirako mu nnyonyi! Enkeera waalwo basanyuka bya nsusso nga beesogga ennyonyi nga bawerekerwako Mwami Kego.

Nga yenna amegeredde, Zara asiba olukoba lw'entebe ye nga bw'atunula mu ddirisa okulaba ennyanja Nnalubaale bw'eggwekerera ng'ennyonyi etumbiira mu bire.



Mu lutuula lw'ekibiina ky'amawanga amagatte, obwanga bwonna babwolekeza abaana bannayuganda nga boolesa mu maaso g'abakulembeze b'amawanga ag'enjawulo. Abantu nkuyanja abali mu kisenge omuteesezebwa abeerolera abaana bano nga n'abamu babalabira ku ntimbe mu mawanga gaabwe.

Zara ayolesa ekitontome ekirimu ebigambo ebikubiriza abaana okumanya kiki kye bali, okwekkiririzaamu, okuba n'ebirooto ebinene n'okuba n'essuubi mu maaso.

**“Situka oyakaayakane mu buvumu,
Ng'eddoboozi lyo lyetaaga okuwulirwa,
Anti ensigo z'essuubi omwo mwe ziri,
Era omwo mwe muli obuvumu,
Era tunuulira okusoomoozebwa;
Ng'eddaala ly'enkulaakulana,
Oli wa kuvaayo ng'enjuba,
Oyakaayakane ebiro byonna,
Ddala tewali nsonga,
Tewali kiseera;
Kya mmunyeenye za njawulo nga ggwe,
Weeveemu oyakaayakane,
Situka oyakaayakane nga towugukawuguka,
Lemerako mu buvumu n'obugumu.**

Wano Mika ayogeza buvumu mu kwogera kwe okufundikira. “Ffe bakulembeze ba leero! Ffe ng'abaana b'Omufirika tulina kukwasiza wamu n'eddoboozi ery'awamu. Tweyame okuweereza n'okukulemberamu enkyukakyuka mu bitundu byaffe. Mu buvumu obw'ekitalo, tuveeyo tufuule olukalu lw'omuddugavu olwesiimisa! Ffe mulembe ensi yonna gw'ebadde erindirira! Jjukira nti, Bw'otambula wekka oyanguwa, wabula bw'otambula n'abalala, mutuuka wala!”





Baako ky'okola

Ng'ebula lumu badde okwaboobwe, Zara ne Mika basisinkana abaana abalala wabweru w'ekizimbe ky'olukiiko okwekubya ebifaananyi. Buli omu ajjukiza munne okuba omwegendereza, okunaaba mu ngalo, okwambala akakookolo n'okwesuula amabanga.

Mika asoomooza abaana okuva mu nsi yonna okwanukula ekikokyo kino;

“Waaliiwo ebinyonyi bisatu ebitudde ku luguwa lw'amasannyalaze, bibiri ne bisalawo okubuuka. Kwasigala bimeka?”

Buli mwana yayanukula bubwe n'ensonga lwaki, naye mu kwanukula okwangu kiri nti: ebinyonyi byonna byasigala. Ebibiri byalowooza okubuuka naye tebyakikola. Byalina ekirowoozo ekirungi naye tebyakissa mu nkola.

Ekyokuyigamu leero ne bulijjo kiri nti: **Kolerawo!** so tokirowoozaako bulowooza. Beera kitundu ku nkyukakyuka. Yogeza eddoozi ery'omwanguka kubanga lya muwendo awamu n'olugero lwo.

N'ekisembayo, bulijjo wekkiririzeemu, beera n'ebirooto, ba n'emmeeme engolokofu, kolera wamu n'abalala, era beera kafulu mu buli ky'okola.



“**Bw'otambula wekka oyanguwa, wabula bw'otambula n'abalala, mutuuka wala.**”
Olugero lw'ekiddugavu

ENKOMERERO



Obugero bw'abaana Obw'essuubi, Obuvumu, Obumalirivu N'okutondawo Emirimu

Erinnya lyange nze Nammagala Hannat

Ndi mu kibiina kya mukaaga (6). Nsomera ku Sir Apollo Kagwa Primary School e Nakasero nga nnina emyaka 11.

Nkimanyi buli omu alabye bingi mu kiseera kya ssennyiga ono omukambwe. Mikwano gyange bangi ne bazadde baabwe bafudde kyokka nneebara Katonda atubisseeko akasubi okutuusa kaakano. Nze kamwakoogera nnafiirwa kkojjange era katono ne mmange alusuulemu akaba. Allah eyamuwonya atenderezebwe. Mmange bwe baamuzuulamu obulwadde bwa COVID-19, kyatukuba wala nze ne muganda wange era ne tulowooza nti agenda kutufaako. Kyatusanyusa nnyo bwe twalaba ng'awonye era bwe tutyo ab'ewaffe ne tutandika okukunganyanga emmere nga tugiwa amaka goomu kitundu ky'e Kiwalimu agali obubi.

Maama afiiriddwa mikwano gye bangi ne baliraanwa mu kitundu kino. Yadde COVID-19 atufiirizza bangi, waliwo ebirungi by'atuyigirizza. Ab'ewaffe baayiga oktereke akasente okwetegekeranga ebigwa bitalaze. Nnawookera ono atukosezza nnyo kyokka abantu b'ensi yonna abayigirizza bangi.

Ekisinga okukwasa ennaku, bw'ofiirwa owuwo mu katyabaga kano tosobola kubeerwo n'omukungubagira mu buntu, era abo bonna abatufuddeko tetulibeerabira.

Kale bannange mwenna abali eyo, nga tonnaggwaamu ssuubi manya nti buli kyonna ky'oyitamu, na buli yonna gy'oligenda wabaawo omuntu akubeererawo. Ka nsuubire nti akagambo kano waliwo gwe kazzizzaamu essuubi. Nnawookeera w'ekirwadde kino ajja kuggwaawo singa buli omu atuukiriza ekkatala lye. Jjukira okusigala ng'oli mulamu, yambala akakookolo ko, weesuule ebbanga okuva ku munno. Bwe twegatta tujja kuwangula embeera eno.



Okutontoma! Ekifo kyange Ekikusike

Bya Mathew Gerald Mugerwa, wa myaka 11, Mother Care Preparatory School Bunamwaya, Kampala
Olumbulege lwa COVID-19 terukomye kutusibira waka butalaba mikwano gyaffe na basomesa baffe kyokka, wabula n'okusaanyawo ebirooto byaffe. Abaana bangi nga nange mw'ontwalidde tuweddemu essuubi olw'obutamanya kiki kiddako!

Albert Einstein kakensa mu *Physics* yagamba nti, "Akabonero akatuufu ak'obumanyi si magezi wabula kufumiitiriza." Amasomero ge gabadde ensibuko y'amagezi gaffe, naye kati kye kiseera tutunuleko ebbali mu kufumiitiriza kwaffe ng'emmunyeenyeso y'ebiri mu maaso ebitannaba kutweyoleka. Okufumiitiriza kuzzizza buggya obuvumu bwange, okusobola okwesolossa mu biri mu maaso ebitannamanyika, mu kwekkiririzaamu nga nkimanzi bulungi nti newankubadde ebyo bigenda mu maaso ebinneetoolodde, nkyasobola okulondako okwagala so si kutya. Okufumiitiriza kunnyambye okwaganga olugendo olunquvu oluntuusizza okuvumbula omutontomi ali munda mu nze.

Nsobodde okuwandiika ebitontome ebisoba mu makumi abiri mwe nsobolede okunyonnyolera okutya kwange wamu n'ebirooto ku biseera byomu maaso. Okutontoma kufuuse akanyomero kange akakusike gye ntera okuddukira ne nneekukuma okwetegula okutya okusibuka ku kufa okuva ku COVID-19, obutamanya ddi lwe ndidda ku ssomero wamu n'okubulwa ekukulya. Buli lwe mba nzekka n'olupapula n'ekkalaamu, mpulira obutoowolokofu, ng'okutya kwamuse, nga nnina essuubi, era nga nze nfuga obulamu bwange. Nja kugenda mu maaso nga bugolo nga mpandiika, n'okugabana ne baana bannange okumanya kwange, kuba eno ye ngeri yokka gye nsobola okweyunga ku baana ba Uganda enkuyanja abayita mu kusoomoozebwa kwe kumu olw'olumbulege lwa COVID-19.

Olunaku lumu tulitunula emabega era ne twebaza Katonda okutuwa omwagaanya okuvumbula obusobozi bwaffe n'amakulu gaffe mu bulamu.

Nnayiga Obukodyo Obupya obw'Okukola Ensimbi

Bya Daniela Owomuhendo, wa myaka 13, P.6. Hillside Primary School - Naalya, Kampala
COVID-19 kibadde kirooto kya ntiisa eri buli omu wewaawo tufunyeemu ebyokuyiga nfofoolo. Kyenkana kati emyaka ebiri bukyanga lumbulege luno lulangirirwa mu Uganda. Kano akawuka kaawaliriza amasomero okuggalawo mbagirawo. Abawala bangi abali mu myaka gy'ekitiini bawaliriziddwa okufumbirwa oba okukakibwa mu bikolwa eby'ekikulu okukkakkana nga bafuuse ba maama. Wabula era kya nnaku nti abaana abamu baafiirwa bazadde baabwe n'ab'enyanda. Omuggalo gwawaliriza amasinzizo, amaduuka, amasomero, n'emirimu emirala okuggalawo, nga n'abamu baafiirwa emirimu gyabwe.

Wabula ate ekirungi mu kyo, kitange yagulira kkompyuta nsobole okusomera ewaka, era kati nsobola bulungi okwogerezeganya n'abasomesa bange wamu n'abayizi abalala nga tuyita mu kusomera ku mutimbagano. Munnange era njize obukodyo bw'okukola ssente bungi. Muganda wange Derrick bwe yakomawo ewaka yanjigiriza okukola ebirinnyibwako ebigere mu mulyango ne wansi w'ekitanda. Ate Rita anjigirizza okufumba pizza, ebitumbuuwa, amandaazi, sumbuusa ko n'emigaati. Amandaazi ge nkola, maama annyambako okugantundira ku ssaluuni ye. Nnina akasanduuke kange mwe ntereke ensimbi zange era gye bujja nja kukozeza ensimbi zino okwetandikirawo edduuka ly'emigaati eddene.

Mu luwummula lw'amasomero luno oluwanvu olwa COVID-19, nsobodde okuwandiika emboozu mu *Rainbow* ne *TOTO Children's Magazines* okusomesa abaana abalala okwewala COVID-19. Mbakubirizza okwambala obukookolo, obutasemberagana, okunaaba mu ngalo, obutava waka wamu n'okulya ebibala okwongera okuggumiza obugumu bw'emibiri gyabwe. Ndi musanyufu nti abasomesa baffe bagamebwa ekirwadde kya COVID-19 era nsaba nti amasomero gaggulwewo mangu kuba nsubwa essomero era nneesunga okuddamu okusoma

Essuubi Lisoboka

Bya Karren Kaila Ikoona, wa myaka 13, Bethel International Christian School, Kampala

Okuva ku ntobo y'omutima gwange, nnamusa abaana bonna okuva mu nsi yonna, be ntwala nga baganda bange kuba ebirooto byaffe okuba mu nsi ejjudde emikisa, omutali ndwadde n'obutali bwenkanya bifaanagana tusobole okutumbula obusobozi bwaffe.

Nze ku lwange, mbuutikiddwa enkukakukya mu nsi yonna ezeekuusa ku lumbulege lwa COVID-19, obulwadde, okufiirwa abaagalwa, obutamanya kiddako, wamu n'okuggalawo kw'amasomero. Okwongereza ku ekyo, nnalongoosebwa mu Kasambula (*July*) wa 2020, nga kino kyampisa bubi ddala. Okusoomoozebwa kuno kwonna kwongedde okunzujukiza essuubi eritagwaawo. Nga abaana, tetusaanye kwerabira nti tewali kadde kasinga kano, ffe okusitukiramu okwaganga ebisoomoozo bino. Tusobola okuteekawo essuubi n'ekitangaala wali ekizikiza kino. Newankubadde abasinga obungi ku ffe tubadde tetumanjide mbeera gye tulimu kati, nkubiriza abaana bonna okusigala nga bakkakkamu.

Nkizudde nti okusoma ebitabo wamu n'okubaako bye mpandiika, ate n'okuwandiikira bazadde bange amabaluwa okubategeeza nti mbalowozaako, kinnyambye okusigala nga njaaqana okwongera okuyiga ebipya. Nsobodde kwewa eby'okukola buli lunaku, okugeza, okuzuukukanga ku ssaawa bbiri, okusaba, okulongoosa ennyumba, n'okwoza ebintu nga sinnatuula kusoma bitabo, ebyongedde okunyumisa okuyiga. Okukuuma omukululo gw'emboozu z'okwebaza n'okwetaba mu mirimu egikwata ku butonde ng'okulima emmanju, okulunda obumyu, binnyambye nnyo. Kuno ngattako okukuuma obuyonjo, okukola ddujiro, n'okwettanira okulya ebivaavava ebinkumye nga ndi mugumu. Wewaawo olumbulege luno weeruli, naye waliyo essuubi.

Baako ky'ozuula Ekirungi mu buli Mbeera

Bya Efata Shalom, wa myaka 12, Uganda Martyrs Katwe Primary School, Kampala

O mukulembeze wa Uganda bwe yalangirira omuggalo, nnalina okusigala eka okumala ebbanga ddene. Nnafiirwa okusoma. Wabula mu muggalo guno njize obutaggwaamu maanyi mu mbeera yonna. Nneezuula nti njagala okusoma, ekintu ekinnyambye ennyo. Mmange yampa ebitabo eby'enjawulo okusoma. Ekimu ku bitabo bye nnasoma kyali kya "Rich Dad, Poor Dad" ekya Robert Kiyosaki ne Sharon Leichter. Kino ekitabo kinkubirizza okufuuka musigansimbi ku myaka emito, era bazadde bange ne mikwano gyange bwe bampa ensimbi ng'ebirabo olw'okusukkuluma mu bibuuzo byange eby'eky'omusanvu, nnazizaazaamu. Ndi mu kuwiga kuluka bitambaala era nsuibira okutandika okutunda bye nduse olwo nkunyanye ssente.

Era nnasoma ekitabo kya "Adapt or Die" ekya Peter Abesiga ekinkubirizza okweteekeerawo ebirubirirwa. Kinsomesezza nti ne bwe nkola ensobi ennuyingi zitya mu bulamu, ekisinga mu byonna kuziyigirako.

Nnakola okugezesebwa mu Lufalansa emirundi etaano nga ngwa, wabula nnasigala ngezaako. Wabula buli mulundi gwe naddangamu ekigezo ekya nga mbaako ebipya bye njiga. Bwe nnamala okuzuula ensobi zange, nnawunzika mpangudde nga mpitidde waggulu nnyo. Guno omuggalo omuwanvu gunnyambye okumanya kiki kye ndi, era gunsomesezza butya bwe nnyinza okutumbula obukodyo bwange n'endowooza okusobola okuba n'ebiseera byomu maaso ebirungi. N'olwekyo, njagala okukubiriza buli omu okubaako ekirungi ky'ozuula mu buli mbeera yonna ate weesige Katonda ensibuko y'amagezi.



Okwetandikirawo Emirimu

Nnatandika Okulima ne Njiga Ennimi Empya

By Bugosera Esther Elizabeth, wa myaka 10, Kapchorwa

Nnava ewaffe e Mukono ne njenda mbeere ne maama gye yali akolera ku ttendekero ly'abasomesa erya Kapchorwa Primary Teachers' College mu buvanjuba bwa Uganda. Ennaku z'omuggalo ezaasooka, zandeetera ekiwuubaalo, nga ndera ngalo kuba nnali sirina kye nkola ewaka e Mukono.

E Kapchorwa ettaka lyaayo ggimu nnyo era kino kinnyambye okuyiga okulunda n'okulima ka kibe wammanju w'ennyumba. Njize okulima n'okulabirira emboga, ennyaanya, amatooke, obummonde obuzungu, kasooli wamu n'obutungulu. Kuno ngasseeko okuyiga okulabirira ente, embuzi ne ssekkoko. Njize n'okukama amata. Mu kusooka kyali kitiisa naye ndi muwala muvumu, bwentyo nnakikola!

Njize olulimi Olusebbeji n'Oluswayiri ezisinga okwogerwa mu kitundu kino. Nfubye okulambula n'okunyumirwa ebifo by'obulambuzi omuli ebijiriro by'e Sipi n'empuku zaayo. Eno era nnalaba ensozisozi mu Kapchorwa, n'okukyalira ebitundu nga kween, Bukwo ne Bulambuli.

Nkyasobola okugenda mu maaso n'emisomo gyange nga mpita ku mutimbagano. Wabula nsanze obuzibu bw'okutabanguka kw'amayengo g'empuliziganya kuba Kapchorwa kitundu kya nsozi ate era ewaka mwattu tetulina bu laptop. Mukulu wange, maama ate nange ffenna twetaaga okukolera ku mutimbagano kyokka tulina essimu emu eya seereza. Emirundi egimu tuba n'emisomo mu budde bwe bumu olwo ne kitegeeza nti omu ku ffe y'ateekeddwa okuba n'essimu. Kiruma okuba nti nsigadde mu kibiina kye kimu okumala ebbanga kati lya myaka ebiri olw'obulwadde bwa COVID-19. Kati nnandibadde ndi mu kyakutaano.

Ebintuuseeko bingi mu bbanga lino era nange nkoleddemu bingi. Nsaba Mukama ampe obusobozi nsobole okuganyulwa mu bingi bye tutandiseewo ne maama n'ab'ewaka bonna. Katonda agamba, "ky'osiga ky'okungula."

Nnafuuka Mukugu mu By'enfuna

Bya Ainembabazi Ronate, wa myaka 13, Bushenyi district

Olumbulege we lwatandikira nnali nsuibira kutuula bibuuzo eby'akamarizo eby'eky'omusanvu (PLE), kale ekirooto kyange eky'okwesogga King's College Buddo ne kisooka kizinyama. Nnali nnina kudda waka kulinda ddi omuyaga lwe gulikya. Mpise mu miteeru mingi mu kaseera k'omuggalo kano. Nnawalirizibwa okutwala akaseera akawanvu mu luwummula lw'eky'omusanvu, ekintu ekwali kitasuubirwa! Obweraliikirivu bwange era bwali ku muwendo gw'abantu omunene abafa COVID-19 okwetooloola ensi yonna.

Newankubadde buli kimu kyali kikyuse, nnali nnina kukkiriza njige engeri y'okukozesa obudde buno okuyiga ebintu ebipya ko n'okuyamba bazadde bange. Nneenyumiriza mu kuba nti nnayiga emirimu gy'ewaka, gamba ng'okwoza ebintu, engoye, okufumba n'okuwaata emmere. Mwattu era nnyambako muganda wange ku mulimu gwe ogw'akaduuka nga mmubalirako ku bitabo bye era ne mmuyambangako okulabirira omwana we omuwere.

Ng'oggyeeko okuyiga emirimu gy'ewaka, nkoze embira ze nnatunda ne nziyamu ensimbi ze nnaterekera essomero. Muganda wange yampandiisa mu musomo gw'okuyiira e Mbarara ne njiga okwogera mu bantu. Kino kikyusizza nnyo obulamu, kuba ntandise okusoma ebitabo bingi okusobola okuyiga ebifa mu nsi. Njize okwogera nga sseemotyamotya, okwekkiririzaamu wamu n'okuyiga okunoonya ebirungi ebinneetoolode. Ekinzuukusa buli ku makya kwe kwakaayakana okusinga okunjiikaala nga bwe gwali gye buvuddeko.

Njagala okuwa baana bannange obubaka obw'essubi. COVID-19 si ye nkomerero y'ensi kuba obudde bwonna aggwa era ensi ejja kuddawo nga bwe yali. Tujja kudda ku masomero. Temuggwaamu ssubi era mwongere okukkiriza.

Ntunda bikajjo okusobola Okugula bye Nkozesa mu mbeera z'Ekikyala.

Bya Nekesa Stella, Kyaka Refugee Settlement, Kyegewa

Gavumenti yaggalawo amasomero omwaka oguwedde okutangira okusaasana kwa COVID-19. Nnalowooza nti oba oli awo ga kuggulwawo mu bwangu naye galuddewo.

Nnateranga okufuna ebikozesebwa mu mbeera z'ekikyala okuva mu bakungu ba Finn Church Aid abalinga babigaba ku ssomero. Oluvannyuma lw'okuggulwawo kw'amasomero, nnali sikyayinza kufuna bikozesebwa bino. Bwentyo nnasalawo nkozese ebwero nga ntuuse mu kasanvu. Kyokka maama yampa amagezi, nteme ebikajjo mu nnimiro mbitunde nsobole okufunamu ensimbi ezibigula. Buli lwaggulo nnenga ebikajjo mu maaso g'ennyumba yaffe, ne nguza abayise. Kati nsobola okufunamu akasente akatonotono maama k'asobola okweyambisa okutugulira, nze ne baganda bange, ebikozesebwa mu nsonga z'ekikyala.

Nkubiriza abawala obutettanira kukkiriza birabo kuva mu bantu be batamanji. Basanywe basigale ewaka bayambe ku bazadde baabwe mu nnimiro. Era tebeetantala okutambula ekiro mu nzikiza kuba abantu abakyamu batambula kiro era bayinza okubakwata.

Ng'amasomero tegannaggulwawo nnali nsoma kyakutaano kyokka kati nsiiba waka olunaku lwonna, era sikkirizibwa kugenda kukyalirako mikwano gyange. Nga nsubwa okugendako mu ssinzizo! Mu mirimu gye nkola ewaka mulimu okwera enju, okutyaba enku n'okuyamba bazadde bange okufumba. Wabula era nfissaayo akaseera okusoma ku bitabo byange ng'obudde tebunnaziba. Bwentyo nkubiriza abaana abalala okugenda mu maaso n'okusoma ebitabo byabwe okutuusa amasomero lwe ganaggulwawo.

Nnatandika Okulima

Bya Kembabazi Eryn, wa myaka 11, St. Mary's Central School - Kyera, Mbarara

Oluvannyuma lw'ekiragiro kya pulezidenti okuggalawo amasomero mu March wa 2020, nnasigala ndi mweralikirivu olw'okuba kyali tekimanjiddwa ddi lwe gaddamu. Nnali nneewunywa kye nnali njenda okukola mu luwummula olwo oluwanvu bwe lutyo. Kye nnalina okukola kwe kulowooza ku biki bye nnyinza okukola.

Bazadde bange bannyingiza mu mirimu gy'ennimiro era ne tusimba enva endiirwa nga spinach, kaamulali ne sukuma wiki. Oluvannyuma lw'omwezi gumu, ssenga yampa obukoko obwa sabbiiti ennya era buno bwatandika olugendo lwange olw'okulunda enkoko. Enkoko zino nga zikuze zaatandika okubiika bwentyo ne ntunda amagi.

Mu Gatonna (January) w'omwaka guno, nnakyalira ku jjajjange mu kyalo e Bushenyi. Nnanqumirwa nnyo okubeera eyo kuba yanjigiriza okuluka ebibbo. Nnaluka ebibbo era ne mbitunda. Nange bwe nnakomawo, ne njigiriza baliraanwa baffe n'emikwano okuluka ebibbo. Kino kyafuuka ekinnyumu okugabanira awamu obukodyo bw'okuluka ebibbo n'abaana boomu kitundu.

Okusoomozebwa kwange okusinga kwe kuba nti sisobola kufuna kusoma kusaanidde kubanga sisobola kusomera ku mutimbagano ng'abaana abalala bwe bakola. Wewaawo nnasobola okusomerako ku laadiyo ne TV, naye kyali tekifaanana ng'ali ku ssomero. Nkubiriza abaana abalala okwenyigira mu bintu ebivaamu ensimbi okwewala okulera engalo. Temuggwaamu ssubi, akawuka tujja kukatuula ku nfeete singa tugenda mu maaso n'okwambala obukookolo, ne twefuuyira wamu n'okwesuula amabanga. Baana bannange bambi temuwa waka. Era nkubiriza abazadde okugulira abaana baabwe ebikozesebwa mu kusoma nga bakyalirako waka. Tusaanywe okugenda mu maaso n'okusoma. Nga Pulezidenti Nelson Mandela bwe yagamba, "Okusoma kye ky'okulwanyisa ekisinga, omuntu ky'ayinza okweyambisa okukyusa ensi!"

Olugero Lwange Olw'obuvumu N'obutatiitiira

Bya Akakwatsa Theophilus, wa myaka 12, P.4. Kabuyanda Central Primary School, Isingiro

Omuggalo gwa COVID-19 kye kimu ku biseera ebisingidde obuzibu kubanga nnali nnamanyiira obulamu bw'essomero. Bazadde bange bombi basomesa mu masomero ag'obwannannyini. Baafunanga akasente okuva ku ssomero ng'omusaala gwabwe buli mwezi, era zino ze baakozesanga okutulabirira. Kati bambi tebakuyafuna musaala era obulamu kati bukalubo nnyo!

Buli ku makya tugenda mu nnimiro. Olumu nnasaba bazadde bange okungulirayo ku ngoye naye nga tewali nsimbi. Olumu bwe nnasaba taata anzikirize nfuneyo endoddo z'emiti nnya nzookyemu amanda, kitange kyamukanga nnyo. Yali tasubira nti ekyo nsobola okukikola. Wano we nnamutegeereza nga bwe nnali ndabaye omu ku ba kkojjange ng'ayokya amanda nange ne njigira okwo. Yampa endoddo zino era n'annyambako okuzisitula, okuzipanga n'okuzookya. Tebyali byangu wazira twakolera wamu ng'ab'enju. Okukkakkana nga tufunyeemu ensawo z'amanda bbiri buli emu ne ngitunda emitwalo ebiri n'ekitundu. Ensimbi nnazitwalira kitange eyannyamba okunguliramumu engoye. Kino kitange kyamusanyusa nnyo, bw'atyo n'ankubiriza okugenda mu maaso n'okukola n'obuteetaba mu bantu bangi. Omulimu guno gugenze gukula era kati tulinaayo n'abakozi abalala abatuyamba ku mirimu emizibu. Nze ogwange gwa bwa nnampala okulaba nga tetuyiwa baguzi baffe.

Ng'omutandisi w'emirimu omuto, sseerabira kusoma. Buli lwe mmala emirimu gyange egy'olunaku, nga nsomako. Ye maama annyambako ku miwendo gy'okubala egiba ginkaluubiridde. Wano nange nkoowoola abaana bonna okukola ennyo, ate era mu maaso wajja kuba watangaavu singa tusoma, tusome nnyo!



Okwenyigiramu Kwa Buli omu mu Kitundu

Okudda ku Ssomero kya Ttendo eri Ffe Abaana Abanoonji B'obubudamu

Bya Ukuna Mariam, wa myaka 12, Kyaka II Refugee Settlement, Kyegewa

Erinnya lyange nze Ukuna Mariam. Nnina emyaka 12 era ndi mu kibiina kyakuna. Nnava Congo. Mbeera ne bazadde bange, baganda bange ne bannyinaze mu kifo ky'abanoonji b'obubudamu ekya Kyaka II mu Uganda.

Omwaka oguwedde, pulezidenti wa Uganda yaggala amasomero. Bazadde bange n'abasomesa bangamba nti kino kyakolebwa kuziyiza kusaasaana kwa COVID-19. COVID-19 bulwadde obuleetebwa akawuka era mbu kwasibuka mu China. Abantu abalina obulwadde buno baba ne ssennyiga, amabwa mu bulago, omusujja n'okulumwa omutwe. Nze ssaagalira ddala kukwatibwa COVID-19.

Olw'omuggalo, sikyayinza kukyalira banganda ababeera mu byalo ebirala. Nga mbasubwa! Nnina okuba omugumu okutuusa obulwadde lwe bunaggwaawo olwo ndyoke nsobole okugenda okubakyalira. Bambi omu ku baana be nsoma nabo yakwatibwa COVID-19 era n'alwala nnyo. Nze ssaagala kuba nga ye kuba yali mu bulumi bungi ng'akaaba buli kadde. Nze nneekuumira waka era bazadde bange bwe bantumako ku dduuka, nnyambala akakookolo, nneesuula ebbanga okuva ku muntu, era oludda ewaka nga nnaaba bulungi mu ngalo. Munnange era nkubiriza baganda bange ne bazadde bange okwekuuma.

Nsubwa nnyo okugenda ku ssomero okusoma n'okubaako n'abasomesa bange. Mwattu era nsubwa okubuulirirwa n'okuwabalwa abasomesa baffe bye baatuwanga nga batukubiriza okukola ennnyo okuba abantu abeegombesa gye bujja. Era nnateranga okufuna sabbuuni n'ebikozesebwa mu mbeera z'abakyala kyokka kati sikyabifuna olw'okuba amasomero maggale.

Obudde bwange obusinga mbumala mu kuyamba bazadde bange n'emirimu gy'ewaka. Njera oluggya wamu n'okulabirira bato bange. Mwattu nno njize n'okuluka ebibbo bye tukozesa ewaka! Bwe nnaakuguka obulungi mu kubiruka, tujja kuluka bingi tutundeko ne mu nkambi y'abanoonji b'obubudamu.

Nnawulirayo omu ku mikwano gyange ng'agamba nti tayagala kuddayo ku ssomero newankubadde ganaggulwawo. Mbu ye ayagala kwongera kugenda ne kitaawe ku dduuka. Ekya kikyamul! Wano nkubiriza bannange okuba abagumiikiriza baddeyo ku masomero singa ganaaba gagguddwawo.

Nnagabira Abaana Abalala

Bya Rahma Kamulegeya, wa myaka 10, Kabojja Junior School, Kampala

Nnali simanyi mukisa gwe nnina okutuusa COVID-19 lwe yajja. Pulezidenti bwe yalangirira omuggalo ku masomero, ssaamanya kiki kye nzizaako.

Nnasubwa nnyo essomero, mikwano gyange wamu n'abasomesa, nga n'olumu nzuukuka ku makya ne ntandika okukaaba. Olw'okuba ndi omu ku bakulembeze b'abayizi, nnali nnamanyiira okuba omu ku bayizi abasooka ku ssomero tuteekateekere olunaku olwo.

Obulamu ewaka bwali bwa kiwuubaalo kuba nnasomanga ebitabo ebayiliwo nga zigenda okuwera essaawa ettaano nga sirina kye nkola. Mu Ssebaaseka (June) wa 2020, buli kimu kyakukya essomero lyange bwe lyatandika emisomo gyoku mutimbagano. Ewaka twalina zi kkompuyuta nnyo okwali eyange, eya muganda wange Amaal, eya mwannyinaze Muniru n'eya kizibwe wange Asra. Wewaawo era tebyali kye kimu kuba abamu ku mikwano gyange tebasobola kwegatta ku musomo gwa ku mutimbagano kuba bazadde baabwe tebalina nsimbi kusasula bisale bya ssomero ate n'omutimbagano. Abamu tebalina na zi kkompuyuta, abamu baakozesanga ssimu za bazadde baabwe, kyokka ate ng'abazadde balina okugenda okukola. COVID-19 we yatandikira nnali mu kyakuna. Kati ndi mu kyakutaano naye bangi ku mikwano gyange bakwali mu kyakuna kuba tebasobola kusomera ku mutimbagano.

Awo we nnategeerera nti ndi wa mukisa okuba nti nsomera ku mutimbagano! Obubaga bwaffe obw'amazaalibwa tebukwali bwa bbinu kubanga tetukyasobola kuyita bantu bonna ewaka.

Newankubadde nsubwa mikwano gyange, okubeera ewaka kunjigirizza ebintu bingi bye nnali simanyi. Ekisooka njize okufumba, okuyonja oluggya, ennnyumba n'okufulumya kasasiro buli lwa Ssande. Maama n'omukozi tebakyatawaana na mirimu gya waka. Nkimanyi nti buvanaanyizibwa bwange era omulimu ngukola ne mwannyinaze ne muganda wange okusobola okwanguya.

Maama era TV yagisalako okunsobozesa okutwala obudde nga ndi ne bannange mu kifo ky'okwefunzirira ku TV nga ndaba obugologoosi (katuuni). Buli lwa Ssande, mba ku mutimbagano nga nsoma *Kulaani* n'eddiini y'ekiyisiraamu, wamu ne baganda bange, bannyinaze n'abaana abalala. Tusobodde okufuna emikwano emiggya wamu n'okukubaganya ebirowoozo ku ddiini yaffe. Nze ne bato bange twakunnyaanya engoye, engatto, amacupa, ensawo z'essomero n'ebitabo ne tubitoneri abaana abatalina bimala. Kino kituyigirizza okusiima Allah wamu ne bazadde baffe abatuwa buli kye tulina. Tuuyize okulowooza ku baana abalala. Bwe tunaddayo ku ssomero, tuteeseteese okukubiriza abaana abalala okugaba ebintu bye batakyakozesa. Nkimanyi nti COVID-19 mukalubo, naye nsiima ab'ewaka waffe n'okuba mu ssomero. Nsabira abaana abalala basobole okudda ku ssomero omwaka ogujja.



Okuvvuhuka Ebyekango

Maama ne Taata baafiirwa emirimu gyabwe

Bya Oyella Mary Immaculate, P.6, El-Shaddai Primary School, Gulu

Obulamu bwali bulungi okutuusa Pulezidenti Museveni lwe yatussa ku muggalo okuziiza okusaasana kwa COVID-19. Nnateranga okukyalira jjajjange omukyala n'abooluganda abalala, okugenda ku ssomero ne mu ssinzizo naye obulwadde bwajja! Okuva olumbulege luno lwe lwajja mu ggwanga, tetuddangamu kufuna ku kaseko konna mu maka gaffe nga bwe gwali. Maama yali musomesa ku Pope Paul VI Secondary School Anaka mu ddisitulikiti y'e Nwoya, wabula bambi yafiirwa omulimu gwe. Okuviira ddala ku olwo, buli kimu kikuse n'okutuusa kati. Nkyali mu kyamukaaga! N'ekirala ekintiisa kwe kuba nti n'okutuusa kati abantu bakuyafa obulwadde buno. Kitange naye yafiirwa omulimu gwe era yatandikawo akaduuka akatonotono mu kibuga okusobola okutulabirira. Akawungeezi akamu aba poliisi baakuba muganda wange ku mutwe lwa kutambulira ku bboodabooda ng'essaawa emu ey'akawungeezi eya kafiyu etuuse. Baali bakomawo ne taata okuva ku dduuka.

Olw'okuba nti tubeera nnyo ewaka, ntwala obudde bungu nga ndi ne maama. Anjigirizza okulima, okusiimuula enju n'okufumba emmere y'Abacholi nga marakwang ne boo. Okubeera naye kunfudde omuwala ow'obuvunaanayizibwa. Mu kusooka, nnali manji nti obuvunaanayizibwa bwa bakulu bange.

Nze ne baganda bange twakola akadumu (*tap*) ewaka nga tweyambisa akaveera akaddugavu, akadomola aka liita 5, n'eccupa y'amazzi. Bulijjo tunaaba mu ngalo ne sabbuuni okusobola okulwanjisa akawuka. Abantu abalala bangi mu kitundu kyaffe nabo bataddewo ebifo awanaabirwa engalo mu mpya zaabwe nga beeyambisa ebintu ebya bulijjo. Ffenna twekuuma bulungi, tusobole okuddayo ku ssomero ng'amasomero gagguddwawo.

Wadde bino byonna weebiri, nkakasa nti okujja kw'akawuka kano kuliko ensonga. Katonda atugezesa alabe oba nga tukyali beesigwa gy'ali. Abantu tebasaanidde kuggwaamu ssuubi. Ffe ewaffe tukyalina obumalirivu. Newankubadde taata ne maama baafiirwa emirimu gyabwe, twasobola okutandikawo akaduuka akasobodde okutubeezaawo. Obulamu bukyali bukakali naye tukyasobola okubaawo.

Buli kimu tukirekere Katonda nga bwe twekuuma. Kyu mazima nti ffenna embeera z'obulamu bwaffe zaacankalana naye tetwekubagiza, tujize bingi. Tewali mbeera ya lubeerera. Mukama afugal!

Okutunuulira Oluuyi Olumunyangufu

Bya Oriana Jasmine Ruhunde, wa myaka 12, Kasana St. Jude Primary School, Luwero

Erinnya lyange nze Oriana Jasmine, era ndi mu kyamukaaga kyokka nkisigaddemu okuviira ddala omwaka oguwedde. Teri n'omu mu nsi ajja kubuuzza lwaki kubanga ek'okuddamu kiri kimu ffenna kye tumanji – COVID-19! Nvudde mu kunyumirwa oluwummula oluwanvu, ne ntuuka okwebuuzza oba ng'ebintu biriddamu ne bitereera. Buli kadde mpulira nga waliyo abafiiriddwa abaabwe, ate n'embozi ezitegeeza abawala bye bayitamu eyo mu bitundu byabwe, omuli okukwatibwa abasajja, okufumbizibwa wamu n'embuto nga bakyalali bato.

Nnaweza emyaka 12 mu Ssebaaseka (*June*) ng'omuggalo ogwokubiri tegunnalangirirwa mu ggwanga. Omwaka oguwedde nga nzijirira bwe nti okuweza emyaka 11, nneekoona akagere. Ekyo kitiisa nnyo naye ndi musanyufu nti kyatuukawo nga ndi waka kubanga abalanzi abamu basekerera abawala singa kibatuukako nga bali ku ssomero. Nkuguse mu kulabirira bato bange bonsatule. Nnyambye nnyo kizibwe wange omukulu okulabirira ewaka. Nsiimuula, nfumba, nfumba ne zi kkeeki. Jjajja mukyala anjigirizza okuluka ebitambaala. Ebbanga lyonna lye mmaze nga ssiri mu ssomero, ndimaze n'abooluganda abafayyo abampadde obukuumi okuva eri buli kabi akatuusibwa ku bawala ab'emyaka gyange mu kitundu kyaffe.

Ekisuzza maama n'abalala bangi nga bakukunadde, kwe kugezaako okufuna engeri ey'amangu ate nga ya lubeerera ey'okuyamba abatiini nga nze, okulwana okweggya mu ntiisa n'okuyita mu bisoomoozo by'okukabassanyizibwa ebimenya emitima, obufumbo obukake awamu n'embuto. Nsabira obumalirivu mu ggwanga lyaffe kisobozese abaana obutasulirira birooto byabwe.

COVID-19 Yasuuzza Kitange Omulimu

Bya Jakisa Joel, wa myaka 13, Tororo Parents Primary School, Tororo

Lwali lwa Mugulansigo (*March*) 17, 2020 omukulu w'essomero n'atuyita okukunjaana mu mbeera ey'obwangu. Ensonga enkulu yali nti ffenna twali tudda waka lwa COVID-19. Buli mwana yadda mu kisulo kye n'akwatamu ebibye okudda eka. Twali twakamala mu ssomero omwezi gumu gwokka. Mangu ddala gavumenti yassaawo ebiragiro ebikakali omwali n'omuggalo. Omuggalo guno gututte kumpi emyaka ebiri ng'amasomero maggale. Amasomero gaggulwawoko akaseera katono eri abayizi ab'akamalirizo n'abo abaddirira ab'akamalirizo.

Kitange omusomesa mu ssomero ery'obwannannyini bwe yafiirwa omulimu ennyingiza y'ensimbi n'esalwako. Okuva ku bbalaza okutuuka ku lwomukaaga twasimbanga ebirime nga omuceere, kasooli, soya mu nnimiro yaffe. Twakolanga okuva ku makya okutuuka mu ttuntu era kino kyankoooyanga nnyo. Mukulu wange ne maama baanoganga enva endirwa buli lunaku era nga ze nva ze tulya. Twali tetukuyinza kugula nnyama, ebyennyanja wadde enkoko.

Nnali nneetegekera kumaliriza kyamusavvu era nnasomanga ekiro. Nnasabanga katonda buli lunaku ansobozese okuyita ebibuuzo byange. Ebyava mu bibuuzo bwe byadda, essanyu kata linzite, olw'okuyitira mu ddaala erisooka n'obubonero munaana. We twogerera nninda masomero kuddamu lwakuba nneeraliikirira bisale bya ssomero. Kitange takyakola era essuubi lyange lindi mu katonda kuba ebya katonda mpaawo kirema. Asobola okutema ekkubo we litali. Nnina essuubi nti COVID-19 ajja kuggwa. Teri mbeera ya lubeerera mu nsi eno.



Essuubi

Nnasoma nnyo

Bya Mukisa Coreta, wa myaka 11, Brook Christian Academy, Kampala

Nnava mu mbeera Pulezidenti Yoweri Museveni bwe yalangirira omuggalo ogwokubiri nga 18 Ssebaaseka (June) 2021. Nnali mu kutya olw'okusubwa okusomako ne mikwano gyange. Nnali nkuyinza okuddayo ku ssomero? Nga teri lunaku lulangiriddwa kudda ku sssomero, nnasalawo mbeeko bye nkola ewaka eby'omugaso.

Nze ne baganda bange twasaba kitaffe tusomesebwenga ewaka. Yatandika omuyiggo gw'anaatulondoolanga mu bye tukola era kya mukisa nti yagwa ku Mukyala Epuchu. Ono akusizza obulamu bwaffe.

Mukyala Epuchu yatuyisaayisa mu ngeri y'okwezuula. Nneezuula nti njagala nnyo ebisolo, obutonde bw'ensi wamu n'okuwandika. Ono era yannyanjulira pulojekiti ejitibwa "Blessed Hands" mwe twakoleranga eby'emikono ffe ffennujini. Twakolanga eby'okwewunda, obukwata ebisumuluzo, obukwata empapula n'okusimba ebimuli eby'okutunda. Ebimuli bino ebisinga bikozebwa okutimba zi yaafeesi n'amaka.

Mukyala Epuchu anjigirizza okwesiga bye nsomye. Kino kinnyambye okweteekerawo ebiruubirirwa by'olunaku. Nzuukuka manguko okusinga luli nsobole okusoma, nnasoma okunoonyereza n'okuwandika. Kati ndi mu kuwandika ekitabo ekiyitibwa, "My Animal Friends" kye nteekateeka okufulumya mu Museenene (November). Omukwano gwe nnina ku butonde bw'ensi gumpaliriza okubulwanirira era kino nkuyogerako ne mu kitabo kyange kye mpandiika. Bwe nnaaba nkuzi, njagala kuba musawo wa bisolo oba munnabutonde.

Nkendeezeza obudde bwa TV era kati obudde obusinga mbumalira ku bintu bimpa magezi ku kiki kye ndiba n'ensi. Kati nsanyukira okukola kuba mmanji nti ogwo guba mukisa so si kibonerezo. Nze ne baganda bange kati tukola emirimu gy'ewaka nga tetumaze kulagirwa bazadde baffe. Era tulabirira ennimiro y'emmanju mwe twasimba ennyaanya ne kasooli bye tukozesa ewaka, na bwe kityo tetukyagula nva ndiirwa.

Njagala okukubiriza abazadde n'abaana eyo, nti COVID-19 gwajja nga mukisa. Tuuyige okutunuulira ebikyamu mu bulamu tubifuule ebirungi, mu kifo ky'okutuula ne twekubagiza nga bwe tweraliikirira. Tulina kwaniriza na kwenyigira mu nsoma empya ey'omutimbagano, n'okusomera ewaka. Kyo si kyangu naye obumalirivu n'okuwawo omutima, abaana nga ggwe nange tusobola okuyambibwa ne tuyitimuka okufaanako nga nze.

Nnayiga Okulera Abaana mu Muggalo.

Bya Maria Ainomugisha, P.4, Namagunga Boarding school, Kampala

Muganda wange omulala owa muka kitange ansabye mbawandiikire. Erinnya lyange nze Maria. Nsomera mu Nnamagunga Boarding Primary School. Omuggalo tegubadde mwangu naye tusobodde okubaawo nga tugoberera amateeka agassibwawo. Abantu bangi baafa era na kati bakafafa, ekintu ekintiisa ennyo.

Bye ndabye mu COVID-19 si birungi ate si bibi. Nsubwa okugenda ku ssomero, abasomesa bange ne mikwano gyange. Essomero lyange lyatandikawo emisomo ku mutimbagano egyatuyamba okugenda mu maaso n'okusoma wadde omuggalo weeguli. Era nnasobola okuyiga okufumba ebika by'emmere eby'enjawulo gamba nga embulugunya z'ekimerika, chapati, enkoko ensiike n'ebirala bingi. Mu muggalo guno era nayigiramu okusaba. Nnasabanga buli kaseera omutonzi atubeere. Ntera okutwala obudde nga ndi n'aboomu nju yaffe nga tuzannya bwe tuzinira ku tik tok, ekuyongerera okutugatta awamu. Bwe baggulawo amasomero mu Mugulansigo (March) wa 2021, ekibiina mwe ndi kye kimu ku byalondebwa okudda ku ssomero. Nnasanyuka nnyo kuba gwali guweze mwaka mulamba nga ssiraba ku mikwano gyange n'abasomesa.

Nga mpezeza wiiki bbiri ku ssomero, twalagirwa okudda ewaka okumala omwezi mulamba olw'okuba nti essomero lyaffe lye limu ku ago gye bagololera ebibuuzo eby'akamalirizo. Omukama abadde mulungi gye ndi n'aboomu nju yaffe era atukuumye okuyita mu muyaga guno. Bambi abaana mwenna temwerabira kwambala bukookolo, kunaaba mu ngalo n'amazzi amayonjo ne sabbuuni, okwefuuyira ku lulwo ne ku lw'abo b'oyagala. Katonda abakuume.

Bulijjo Weenyumirize mu ekyo ky'olina

Bya Marscha Kasamba, wa myaka 10, Kampala Community International School

Lwe nnasooka okuwulira ku bulwadde bw'akawuka ka corona, ssaakateekako nnyo birowoozo okutuusa lwe nnawulira nti busonze mu Uganda, nti era tebulina ddagala libuwonyo nga n'abantu bafa, olwo ne ntandika okupakuka. Ewaka nga bwe wabaawo akolola oba anyiza, nga nneeraliikirira, si kulwa nga nkwatibwa olumbulege. Olw'okuziiza okusaasaana kw'obulwadde bwa COVID-19, gavumenti yaggala amasomero n'essa n'eggwanga lyonna ku muggalo. Twalina kusomera waka.

Mu muggalo, okusoma kwafuuka kuzibu naye kya mukisa nti abatandisi b'essomero lyaffe baayiyaga engeri y'okukikwatamu. Baazuula enkola ejitibwa Zoom eyatusobozesa okukwatagana n'abasomesa baffe. Wano abasomesa baasobolanga okutusindikira eby'okukolera ewaka ku mutimbagano ku masimu ga bazadde baffe.

Omuggalo bwe gwalinnirira eddembe lye twalina okuzannyira ebweru, obuzannyo bwa Joe Wicks ku YouTube bwe bwaziba eddibu lino. Muto wange yateranga okukunnya ebibajje, bulangiti na buli kintu okuzimba akazannyo era nga tusindana okulaba ani akazimba mu bwangu. Si ke kaali awo ak'amagezi ennyo, naye kaatuyambanga okuzannyamu.

Ku nkomerero ya wiiki, twagezangako okukolayo ekisanayusa, gamba ng'okufumba zi kkeeki. Era nagezangako n'okukola chocolate obw'olumu, si ye mwangu ennyo muganda wange. Mu ngeri y'okwewummuzaamu, twalabanga Matilda and the Ramsay bunch ku TV.

Ssaayagala muggalo naye gwannyamba okumanya omugaso gw'ab'ewaka n'obutamala gabajajamu. Kati mmanji nti ndi wa mukisa okuba nti nsoma, nnina mikwano gyange, n'ab'ewaka abalina omukwano. Nsiima ekyo kye nnina. Buli lw'owulira ng'oterebuse, lowooza ku birungi. Obulamu bujjudde mikisa egitalabika. Bulijjo weenyumirize mu ekyo ku'olina.

Olutalo lw'okubaawo mu Nnawookeera

Bya Odulla Jonathan, wa myaka 10, P.4. Tororo Parents School, Tororo

Okuva lwe nnaqita okugenda mu kyokutaano, ssirinyangako ku ssomero olwa COVID-19. Amasomero gabadde maggale kumpi myaka ebiri. Gavumenti ya Uganda yassaawo amateeka amakakali okuziyiza okusaasaana kw'olumbulege. Kati kumpi giri emyaka ebiri bukya taata afiirwa mulimu era kino kitukosezza nnyo. Olw'okuba tubeera ku njegooyego z'ekibuga, okugula emmere na buli kimu ekikozesebwa bitukanudde nnyo.

Nga bwe tuli omwenda ewaka, twasalawo okukyusaamu mu bimu. Twatandika okulya ekibu ekimu olunaku. Twanywa caayi omutali ssukaali era ne tulya muwogo olw'okuba twali tetukyasobola kugula migaati. Twalina akalimiro ka muwogo akatonotono. Twatandika okulyanga enva endiirwa, gamba nga doodo, sukuma wiki n'emboga buli lunaku. Olumu mwattu nga tunaaba mazzi makalu awatali sabbuuni! N'ebizigo byennyini nga tewali. Obulamu bwakaluba naye buli omu ku ffe ewaka yakusa embeera. Ente emu yokka gye tulina ewaka yafuuka kye tuggyamu akasimbi buli lunaku. Eno evaamu liita bbiri ez'amata ze tufunamu ennusu 3000 eza Uganda. Zino ntono nnyo tezitemala naye era waddewaddeko.

Amasomero bwe ganaggulawo, simanyi kye tunaakola! Bazadde bange tebalina ssente za kutusulira bisale bya ssomero era nze ssirina bukakafu bwonna nti naddayo ku ssomero, naye olw'okuba tuli maka makristu, tubeera nnyo mu kwegayirira. Awali Katonda, buli kimu kiyinza okukyuka! Eryo lye ssuubi lyange lyokka eryomu maaso.



Okwannahanga COVID-19

Ekukya kya COVID-19

Bya Carissa Irankunda Komugisha, wa myaka 9, Gayaza Mixed School, Isingiro

Olugero lwange luno luttottola engeri nze n'ab'ewaffe gye twabonaabonamu ne COVID-19. Olunaku lumu nnazuukuka nninamu okukolola okwandeetera obulumu mu kifuba. Taata yantwala mu ddwaliro era omusawo n'ampa eddagala. Eddagala nnalimirira wiiki namba naye ekifuba kyagaana okuwona. Maama yantwalako mu ddwaliro eddala gye bankeberera era omusawo n'akakasa nti nnali ndwadde COVID-19.

Maama kyamukanga nnyo era nange kyankaabya okukamala nga ndowooza nti obwange bwali bukomye, ndi wa kufa, kuba abooluganda bangi n'emikwano baali bafudde COVID-19. Nnatya nnyo, olwo ate maama kwe kungwa mu kifuba era n'ansabira. Yantegeeza nti nnali ssiri wa kufa. Nnakimanya nti naye kennyini yali atidde kuba amaziga mu maaso ge nnagalaba. Wano omusawo kwe kuwa maama amagezi aleete ab'ewaka bonna bakeberegwe.

Olunaku olwaddirira, ab'ewaffe bonna baagenda okukeberegwa. Baganda bange bombi, Alvin ne Asher, taata n'abakozi baffe bombi, bonna baalina akawuka. Okuggyako maama yekka, mukulu wange Cara ne kizibwe wange Mackie be baali obulungi. Wano nnalowooza nti ffenna twali tugenda kufa, maama tumulekewo yekka!

Ffenna twaweabwa eddagala, ne tulagirwa emibiri okugikozesa ddujiro, okwota ku kasana, okunaaba mu ngalo ne sabbuuni, okwambala obukookolo wamu n'okweyawula ku bantu abalala. Wabula mu byonna twasabanga nnyo Katonda atuwonye mangu. Maama buli lunaku yanoganga eddagala ly'amakoola ery'enjawulo lye yafumbanga ne tweyoteza.

Oluvannyuma lwa sabbiiti bbiri twaddayo okukeberegwa naye Mukama yeebale! Alvin, Asher nange twabuukira waggulu ng'essanyu lijula okututta! Maama ne taata nabo baasanayuka nnyo!

Wiiki bbiri bwe zaayitawo, maama yatuzzaayo tukeberegwe okukakasa oba nga twali tuwonedde ddala. Omukama mulungi! Kituufu twali tuwonye. Okuva ku olwo, tugoberera amateeka gona agaatekebawo, gamba ng'okukola ddujiro, okunaaba engalo ne sabbuuni, okwambala obukookolo n'okwewala okumala gagenda ku bubaga.



Ebyokukola

Bino ebyokukola bijja kukuyamba okutegeera n'okujjukira obubaka obukulu obukwata ku COVID-19. Osobola okukola wekka oba n'abaana abalala okwongera okuyiga. Jjukira okubiwandiika.

“ Bwino omunafu akira obwongo obw'amaanyi. Lugero lwa bachina ”

Eky'okukola 1: Manyaamu Ebikulu

Omulumu: Ng'okozesa ekkalaamu, golola akasanduuke akatuufu. N'oluvannyuma funa olupapula obiwandiike osobole okubijjukira n'okwongera okubiyisangamu.

	Ensonga enkulu	Ebiteekeddwa okukolebwa	Ebitateekeddwa kukolebwa
1	Yambala akakookolo ng'oli n'abantu wabweru w'eka.		
2	Mugabane ebikopo, amasowaani, ekkalaamu, n'abaana abalala ku ssomero.		
3	Siimuula emmeeza yo buli lw'oyingira mu kibiina.		
4	Nywegera era okwate buli gw'osanze mu ngalo.		
5	Kkiriza ebirabo okuva mu bayizi abalala.		
6	Ggyako akakookolo ko ng'oyogera mu kibiina era ne bwe waba tewali akulaba.		
7	Naaba engalo zo emirundi mingi mu lunaku.		
8	Bikka ku mumwa gwo n'ennyindo ng'okolola oba okunyiza.		
9	Soma nnyo awatimbibwa obubaka ku ssomero oyige bingi ku kawuka kano.		
10	Weesuule ebbanga okuva ku bayizi abalala mu kibiina n'ebweru waakyo.		

Ebigambo ebipya n'ebibuuzo eby'okwefumiitirizaako:



1. Bigambo ki ebipya by'oyize mu lugero luno?
2. Zara ne Mika baakola ki okusobola okusituka n'okwakaayakana?
3. Anni omulala ayogerwako mu lugero luno?
4. Anni akusingidde mu lugero luno era lwaki?
5. Bintu ki ebisatu by'oyize mu lugero luno?
6. Ng'osoma olugero n'omwanguka, bitundu ki eby'ekitabo kino ebikwata ku bulamu bwo?

Eky'okukola 2: Ebirungi Ebigenda mu Maaso

Olukalala wammanga lulaga ebimu ku birungi ebiri ewaffe ne mu ggwanga wadde waliwo ebyo akawuka bye kaleese.

Omulumu: Bisome oggyemu ebintu kkumi by'olaba oba by'owulira eyo mu kitundu kyo.

Ebirungi Bigenda mu Maaso

1 Okwenyigiramu

Abaana beenyigiddemu nnyo eka ne mu bitundu gye babeera.

2 Okwetandikira emirimu

Abaana n'abazadde bakola sanitizer n'obukookolo. Abamu bava nju ku nju nga batambuza ebintu okuva mu zi ssemaduuka, ebiriro by'emmere n'amatundiro g'eddagala.

3 Okuyiga

Abasomesa basomeseza ku mutimbagano; Ebibiina by'obwannakyewa ne ba nneekoleragyange bagaba ebisomesebwa mu bitundu omutali mutimbagano.

4 Okubeera awamu

Abantu babeerako ewaka. Abamu bakola dduyiro entakera, era beeyongedde okuba obulungi, nga kwe batadde okulya ebibala n'enva endiirwa.

5 Emikutu eminyumya

Abantu babunyisa obubaka obukulu ku mikutu emigattabantu, omuli n'okwogera ku mbeera z'obwongo era n'okusabiragana.

6 Okuyigiriza

Abaana basoma nnyo bataakirize obudde bwe bafiiriddwa; baatiikirire mu bigezo.

Eky'okukola 3: Akakunizo

Omulumu: Yita mu kakunizo kano ozuule ebigambo 20 oba okusukkawo ebikwata ku COVID-19. Bino byandiba ebintu abantu bye bakozeza okwewala n'okujjanjaba akawuka, oba bye bakola okusobola okubaawo n'akawuka.

A	C	O	V	I	D	1	9	O	V	I	R	U	S	O	M
C	O	X	G	Y	E	N	R	N	N	N	S	L	I	V	E
N	Y	C	A	O	M	E	D	I	C	I	N	E	O	I	N
Q	L	O	C	K	D	O	W	N	A	X	E	D	C	R	T
L	E	R	O	D	I	C	O	V	I	D	E	X	O	U	A
O	D	O	V	E	S	A	N	I	T	I	Z	E	R	S	L
C	M	N	I	D	T	Q	W	E	N	T	E	P	O	T	A
K	E	A	D	O	A	Z	O	O	M	G	L	U	N	O	T
D	D	O	I	K	N	C	B	N	U	I	V	J	A	B	S
O	I	E	S	O	C	I	A	L	S	N	I	Q	X	B	S
W	C	D	C	A	E	J	B	I	V	G	T	O	H	O	P
N	I	O	H	E	A	L	A	N	M	E	A	L	O	O	R
E	N	C	O	V	I	D	W	E	A	R	M	A	S	K	A
L	E	T	O	A	A	I	I	M	X	S	I	E	P	S	Y
E	S	O	K	C	S	S	T	E	A	M	N	O	I	O	E
A	X	R	K	C	D	T	O	L	O	M	I	N	T	R	R
F	A	S	T	I	F	A	B	E	D	O	A	S	A	L	T
Z	O	O	M	N	G	N	I	M	M	U	N	E	L	N	L
I	M	O	X	E	H	C	L	O	V	E	S	A	S	E	A
L	N	B	C	S	J	E	O	N	U	R	S	E	O	Q	N
T	V	I	T	A	M	I	N	S	Y	E	O	W	E	N	T



Eky'okukola 4: Okusindana mu Bibuuzo Ebikwata ku Ddagala Erigema COVID-19

Ensibuko: Africa Centres for Disease Control and Prevention (Africa CDC)

Omulumu: Funa olupapula n'ekkalaamu owandiike ebikulu bino ebikwata ku kugema n'eddagala erigema mu Uganda. Mwattu bigabaneko n'abantu boomu maka gammwe ne mikwano gyo.

Ekibuuzo ekisooka: Eddagala erigema likola litya?

Okwanukula okusooka: Eddagala lino likola nga lisooka okulowoozesa omubiri gwo nti gulumbiddwa akawuka, ekiguwaliriza okwerwanako eri akawuka kennyini.

Ekibuuzo eky'okubiri: Eddaga lino lyesigika?

Okwanukula okw'okubiri: Eddagala lyesigika, teririna buzibu bwa maanyi, era lisobolera ddala okutangira abantu okukwatibwa akawuka ka COVID-19. Omubiri gukyayinza okufunamu obukosefu naye nga si bwa maanyi, gamba ng'olusennyigasennyiga, olusujjasujja, okulumwa ennyingo wamu n'obukoowu mu mubiri.

Ekibuuzo eky'okusatu: Bantu ki abateekeddwa okusooka okugemebwa?

Okwanukula okw'okusatu: Ab'ebiyobulamu bateereddwa ku mwanjo okusobola okubatangira, ate n'okubaziyiza okusiiga abalwadde baabwe. Mu balala mulimu abakuze mu myaka n'abalina ebirwadderwadde nga ssukaali. Kuno twongerako abo abakola emirimu egy'enkizo, ng'abasomesa n'abalala ng'abakola mu zi bbanka.

Ekibuuzo eky'okuna: Eddagala erigema buli wamu weeriri mu ggwanga?

Okwanukula okw'okuna: Eddagala lisangibwa buli wamu mu ggwanga, naye olw'okuba terinnafunika mu bungu, si buli omu nti asobola okugemwa kati. Ekiruubirirwa kwe kufuna eddagala erimala eri abo abalyetaaga.

Ekibuuzo eky'okutaano: Nkyayinza okulekayo okussaako akakookolo nga mmaze okugemebwa?

Okwanukula okw'okutaano: Tewannabaawo mawulire galaga ddi bantu lwe balirekayo okwambala obukookolo. Waliwo omukisa nti singa omuntu aba agemeddwa, taja kumala gakwatibwa bulwadde, kyokka akyayinza okukwatibwa ate n'asiiga abalala. N'olwekyo kya magezi okusigala ng'oyambala akakookolo wamu n'okukuuma amabanga agalagirwa n'amateeka ga COVID amalala. N'olwekyo ky'amagezi okusigala ng'oyambala akakookolo wamu n'okukuuma amabanga agalagirwa n'amateeka ga COVID amalala.

Okumanya ebisingawo, kyalira ekibanja <https://africacdc.org/download/questions-and-answers-on-covid-19-vaccine/>

Eky'okukola 5: Essanyu N'obukunhanya Bw'emboozzi

Omulumu: Weewe akaseera olowooze ku bintu 10 bye weenyumiririzaamu. Kati biwandiike mu kitabo. Kino kikole buli kawungeezi nga tonnagenda kwebaka. Bigabaneko n'abaana abalala mulabe bintu ki bye mufaanaganya.

Eky'okukola 6: Nze Ani?

Kino kijja kukuyamba okuzuula ebigambo ebirungi by'oyinza okukozesa okunnyonyola kiki ky'oli. Bw'onookolanga oti bulijjo, obwongo bwo bujja kukyuka era oja kufuna obuvumu okumanya kiki ky'oli, so si abantu abalala kye balaba oba kye bakugamba.

Omulumu: Buli ku makya tunula mu ndabirwamu era weebuze, "nze ani?" Ne bw'oba toline ndabirwamu teebereza nti ogirina. Teweerabira okukozesa ebigambo ebirungi okunnyonyola ekyo ky'oli.

Eky'okukola 7: Omuzannyo Ssonko

Omuzannyo gukuyamba oba n'ebirooto ebinene, okussaawo ebiruubirirwa, n'okukuwa essuubi mu maaso. Kyeguva guytibwa ssonko.

Omulumu: Ng'okozesa ennoni oba ekisiriiza, kuba obusanduuke mukaaga ku ttaka otandike okuzannya omuzannyo gu ssonko. Obuuka emirundi etaano ku kugulu kumu, olwo n'olinnya n'amagulu gombi ku ttaka. Olulinnya, ng'oyogera kiki ky'oliba ng'okuze era owe n'ensonga enkulu lwaki. Kitwale nti bya ddala.

Laba ku by'okulabirako wammanga:

Buuka, buuka, buuka, buuka, buuka, ndi musawo, era ntaasa bulamu.

Buuka, buuka, buuka, buuka, buuka, ndi munnamawulire, nsaasaanya mboozzi zigasa.

Buuka, buuka, buuka, buuka, buuka, ndi muvuzi wa nnyonyi, ntuusa bantu gye balaga.

Buuka, buuka, buuka, buuka, buuka, ndi maama, njunjula baana abalungi.

Buuka, buuka, buuka, buuka, buuka, ndi wa poliisi, nkuuma ddembe na butebenkevu.

Buuka, buuka, buuka, buuka, buuka, ndi munnamisono omunnayuganda, ntumbula obuwangwa bw'ekifirika mu nsi.

Eky'okukola 8: Oluyimba N'ekitontome

Omulumu: Soma era owulirize oluyimba luno n'ekitontome, luyige era oluyimbe buli lunaku lukusitule okusobola okwa anga okutya kwo, oloote binene. Oli wa ddembe okuyimba oba okutontoma wekka oba n'abaana abalala. Mussewo n'empaka z'okuyimba n'okutontoma mu kitundu ggye mubeera mulabe ani asinga. Munyumirwe nga bwe muyiga.

Oluyimba lw'avaayo: Amaanyi g'ekirooto

Ekiddibwamu:

Ndi mmunyeenye evaayo; ndi wa njawulo,
Ndoota, eee ndoota, ndoota kubanga ndi mmunyeenye evaayo
Nnina obuvumu... okwanjanga okutya kwange,
Nkunuukiriza emmunyeenye
Okufuna amaanyi g'ebirooto byange, amaanyi g'ebirooto byange.

Ekitundu:

Bwe tukkiriza tufunamu,
Okuzuula kiki kye kitegeeza, okubeerawo awatali buzibu n'okusituka
Okusinga ku kye tuloota munda,
Mu buli mutima munda, mulimu akamyanso k'eby'ewuunyo
Akakoleeza okuteebereza kwo okukuzza ku ntikko,
Okukuzza ku ntikko
Okufuna amaanyi g'ebirooto, amaanyi g'ebirooto.

Ekiddibwamu:

Ndi mmunyeenye evaayo; ndi wa njawulo,
Ndoota, eee ndoota, ndoota kubanga ndi mmunyeenye evaayo
Nnina obuvumu... okwanjanga okutya kwange,
Nkunuukiriza emmunyeenye
Okufuna amaanyi g'ebirooto byange.

Ekitundu:

Ng'ensi bw'etuwa ekisingayo,
Tujja kwesimba butengerera,
Abawala n'abalenzi, mweveemu
Mwe mugigi... ensi gw'ebadde erinda
Ensi teja kuba kye kimu awatali ffe,
Tulina amaanyi g'ekirooto x2

Ekiddibwamu:

Ndi mmunyeenye evaayo; ndi wa njawulo,
Ndoota, eee ndoota, ndoota kubanga ndi mmunyeenye evaayo
Nnina obuvumu... okwanjanga okutya kwange,
Nkunuukiriza emmunyeenye
Okufuna amaanyi g'ebirooto byange, amaanyi g'ebirooto byange.

Ndi mmunyeenye evaayo; ndi wa njawulo,
Ndoota, eee ndoota, ndoota kubanga ndi mmunyeenye evaayo
Nnina obuvumu... okwanjanga okutya kwange,
Nkunuukiriza emmunyeenye
Okufuna amaanyi g'ebirooto byange, amaanyi g'ebirooto byange.

EKITONTOME – Situka Oyakaayakane

Nsituka ne njakaayakana
Ng'enjuba
Nsituka ne njakaayakana ne nnekkiririzaamu;
Kubanga kyabugagga kyennyini.
Embeera bw'enneefuulira
Nkwata omukono ne ngabana ekitangaala kyange
Ng'enjuba
Nsituka ne njakaayakana.

Nsituka ne njakaayakana n'obuvumu,
Eddoboozi lyange nga liyaayaanira okuwulirwa
Anti lirimu ensigo z'essuubi
Era mu lyo
Mwe nnaaviirayo n'obuvumu
Ntunuulire ekisoomoozo ng'eddaala eryangu erituusa ku nkulaakulana.

Nja kusituka
Ng'enjuba
Nja kwakaayakana mu biro byonna
Tewali nsonga, mpaawo kiseera
Ku lw'emmunyeenye ez'enjawulo nga nze
Njakaayakana okwolekera ebirooto byange
Nfeeyo ku lugendo lwange
Nkozese amaanyi g'ebirooto byange okukoleeza ekitangaala
Nja kuba asinga mu buli kye nkola
Buli we ndaga ndekewo omukululo.

Nsituka ne njakaayakana
Nga sikyukakyuka, nga nnemerako, nga mmalirira
Olw'okubudaabudibwa mu ssuubi n'ebituukiddwako
Nja kukuuma obumalirivu
Okukolanga ekituufu era eky'amazima
Ku lwange
N'abo be nfaako
Abo be nnyimirirawo.

Nsituka ne njakaayakana
N'ab'eka n'eyo gye mbeera
Anti olugendo olusinga obuwanvu tulutambudde
Nga tutambulira wamu
Nneevaamu okukolera awamu
Mpitemu mukululo gw'omuwanguzi
Omukakaalukanyi, omuwanguzi.

Njakaayakana okukulemberamu enkyukakyuka
Okuyiia obugero bw'ekifirika obupya
Obw'ebyafaayo by'abaana Abafirika
Njakaayakana okukulemberamu enkyukakyuka
Okuba omuntu ow'ettutumu n'ekitiibwa
Nkole ogwange mu kufuula ensi eno eyeeyagaza okubeeramu
Omulembe guno
N'ogulijja
Nsituka ne njakaayakana.

SITUKA
NYAKAAYAKANE

Eky'okukola 9: Empaka Z'amazina

Omulumu: Wuliriza olujimba lw'emmunyeenye ezivaayo, weekenneenye n'amazina gaalwo. Weetabe mu kuvuganya okwo ng'oyiia era olage amazina okuva mu gaffe aga wano.

Eky'okukola 10: Okweyama N'okutuukiriza

Omulumu: Nokolayo ebintu bisatu by'ogenda okweyama okwekolera ggwe, ab'ewammwe n'aboomu kitundu gy'obeera okusobola okuweereza abalala. Bibuulireko ku muganda wo, mwannyoko, mukwano gwo oba bazadde bo okukuyamba okusigala ku bweyamo bwo. Okugeza, nneeyama okusoma ekitabo buli lunaku okumala emyezi mukaaga.

Nze..... nsuubiza

Zara & Mika

Bakulemberamu Enkyukakyuka Ennungi mu Kitundu Kyabwe

Eddoboosi ly'Abato katabo ka baana ka ngero eziyigiriza ate ezisanyusa omuli okuttottola, ekiwa abaana amaanyi okugumira n'okuyita mu mbeera enkakali ey'obutaba mu ssomero, kw'ossa okufiirwa abaabwe mu katyabaga ka COVID-19. Kayita mu bukodyo bw'okugereesa obw'enjawulo okuggyayo obubaka obukulu ate obuyigiriza, n'okuttottola okuwa abaana amaanyi okutondawo, okuwagira, n'okukubiriza baana bannaabwe okukulemberamu emboosi nga bwe banyumya engero zaabwe.

Akatabo keetooloolera ku Uganda era kayisa abaana mu kuvumbula nga kasonze ku mmere, embeera z'abantu n'obuwangwa ebifuula bannayuganda okuba ab'amaanyi era abasanyufu ne mu mbeera enkakali. Ebiri mu katabo biyamba abaana okuyiga nga bwe banyumirwa okuwa mu ngero ez'obuvumu, okweggya mu kutya, essuubi n'omutima oguyiira emirimu mu baana. Akatabo kajuliza, kakiikirira, kawa ekifaananyi era keekuusa ku mazima ag'obuwangwa n'embeera z'obulamu bw'abaana. Mu katabo era mulimu ebyokukola ebisindika omwana okwenyigiramu okuleetawo okulowooza ennyo n'obukodyo obw'okwemalira ebizibu ng'ali eka oba ku ssomero.

"Eddoboosi ly'Abato" kizimba enkola ey'obuliwo okuzimba okweggyamu okutya, okumanyiira, okuwonawo n'okugenda mu maaso. Engero zino zisimbuka era zisisimula obuwangwa, nga ziraga ebitundu omubeera abaana abanyigirizibwa, nga be bakulembeddemu olutabaalo okulaga enjawulo mu mawanga ag'enjawulo. Ebiri mu kitabo biwa abaana okumanya, okumanyisa abalala n'okuzingiramu abantu bonna.

Eddoboosi ly'Abato mufumbekeddemu essuubi n'amaloboosi ag'obuwanguzi abaana baffe ge bayaayaana okuwulira. Olugero lw'ekiddugavu "Bw'otambula wekka oyanguwa, wabula bw'otambula n'abalala, mutuuka wala" luyigiriza abaana okukolera awamu. Abaana ba Uganda bakoledde wamu, ekikolwa eky'obumu ensi kye yeetaaga.

— **GERALDINE LAYBOURNE**, *Omulwanirizi w'abaana era ayali Pulezidenti wa Nickelodeon*

"Nga kya ttendo okusoma obugero obwa ddala okuwa e Uganda nga bunyumiziddwa baana nga babuggya mu bulamu bwabwe n'obumanyirivu bwabwe mu budde buno! Kyakuyiga kya maanyi eri abaana mu buvanjuba bwa Africa ne mu nsi yonna. Twetaaga ebitabo ebirala bingi nga kino, okusisimula omugigi guno n'oguliddawo!"

— **NISHA LIGON**, *Omutesiteesi omukulu owa Akili and Me ne Ubongo Kids*



ISBN 978-9913-9930-0-5

